NPSCU Curriculum

- Pages 29-31

Traditional Text

Oluyimba

Empewo ekunkumula ebibala ebyo ku muti. x2
Empewo maama,
Ekunkumula ebibala ebyo ku muti.

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

Oral Literature

Aboomukwano abana

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza olugero luno n'oluvannyuma ombuulire aboomukwano aboogerwako ne bye bakola.

Ekitundu 1

Edda ennyo waaliwo aboomukwano bana: Wamusana, Wambuyaga, Wankuba ne Kiddedde. Banyumyanga mu ngeri y'okwewaana.

Wamusana: Ndeeta ebbugumu, nyengeza ebibala, nkaza ebirime ate ndeeta n'ekyeya.

Wambuyaga: Nkaza engoye, nnyamba abalimi okuwewa ate nsuula amayumba.

Wankuba: Mbasekeredde! Nze myansamyansa, mbwatukabwatuka. Ngiwa amazzi ne gakulukusa buli kintu. Mpeweeza amusana era nyamba ebimera okukula.

Kiddedde: "Yii! Nga bye mwewaanawaana byonna ttima jjereere! Ekyeya kitudaaza wano nga n'akokuzza eri omumwa tekalabika. Oluusi n'ekigulira Magala eddiba ne kibula. Ye abaffe, okusuula ebimera kye kirungi? Nze nno bwe nvaayo, ebire bibikka ku Wamusana olwo ne tuweweerako." Baba bakyewaana ne balengera akakookolo nga kambadde kikabuuti, ekikuufiira nga kakutte ne manvuuli mu nkwawa olw'okwekengera enkyukakyuka y'obudde.

Story Outline

Abali mu lugero

Wankuba, Wamusana, Wambuyaga, Kiddedde, akakookolo

Ekifo

Waggulu mu bbanga ne wansi

Ebikolebwa

Aboomukwano balaga buli omu by'akola.

Oral Literature

Ekibuuzo eky'okwefumiitiriza: Olowooza kiki ekyaddirira oluvannyuma lw'aboomukwano okulaba akakookolo?

Ekitundu 2

Aboomukwano baasalawo nti anaasobola okukola ekikyusa ku kakookolo akaali wansi, yaanaaba asinga amaanyi. Kidedde ye yasooka, ebire ne bibikka ebbanga, obudde ne bukwatakwatamu. Akakookolo kaagenda mu maaso n'olugendo lwako. Wambuyaga n'addako ne yeefumuula n'akunta ebire ne bibula. Yanyeenya ebimera kumpi kubisuula ku ttaka. Akakookolo kaasika kikabuuti ne kakyenywerezaako nga bwe kakwata ekikuufiira ku mutwe gwako ne keeyongera okutambula. Wankuba yavaayo nga yeewaga, "Muleke nze nkalage!"

Yatandika okumyansamyansa nga bw'abwatukabwatuka n'atonnya. Akakookolo kaasumulula manvuuli yaako ne keetambulira. Wamusana yeesowolayo mpola nga bw'amwenyamwenya n'ayaka ne yeeyongera okwakira ddala. Banne baagenda okulaba ng'akakookolo kayimirira, kasumulula kikabuuti kyako ne kaggyako ekikuufiira ne kasiimuula entuuyo ne kagenda wansi w'omuti ne kagamira.

Aboomukwano bwe baalaba ng'akakookola kagamidde oluvannyuma lw'okuyisibwa obubi, baakakasa nti wamma ddala Wamusana y'abasinga amaanyi.


Vocabulary Words		
akakookolo	ekigulira Magala eddiba	ak'okuzza eri omumwa
In the Text Questions		In My Mind questions
1. Aboomukwano baali bameka?		1. Manvuuli erina mugaso ki?
2. Kintu ki eky'ettima Wamusana ky'aleeta?		2. Birungi ki enkuba by'ereeta?

5 Embeera y'obudde

Literacy 1 and 2

Day 1

G g



eggaali kugula kusiga

Taata avuga eggaali.
Taata ava kugula bijanjaalo.
Ebijanjaalo bya kusiga.

G G G G G

Classroom 2 WIS 2 Chapter 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

G g

u	i	o	a
gu	gi	go	ga
mu	mi	mo	ma
lu	li	lo	la

Thematic Question: Embeera y'obudde etuyisa etya?

Beat the Words

e-ggaa-li

ku-gu-la

ku-si-ga

Literacy 2

Letter Formation Phrase

G = Zinga akapiira naye tokabuniza, sazaamu akasaze.


g = Zinga akapiira, kkiriza akasittale okawete.

Spelling Practice

g, gu, gi, go, guma, kugula

Day 2

Agula ebijanjaalo



Musoke ava mu katala. Musoke ava kugula bijanjaalo. Ebijanjaalo bya kusiga. Enkuba eyagala kutonnya.

g g g g g

Classroom 2 WIS 2 Chapter 2

Literacy 1

In the Text Question: Musoke ava kukola ki?

In My Mind Question: Mirimu ki egikolebwa mu biseera by'enkuba?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Term 2 Week 2

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart

N	n	u	i	e	a
		nu	ni	ne	na
		gu	gi	ge	ga
		bu	bi	be	ba

Thematic Question: Mirimu ki gye tukola mu biseera eby'enjawulo?


Beat the Words

ni-na

e-nni-mi-ro


bi-to-no

N n



nina enimiro bitono

Nina enimiro.
Ennimiro yange ntono.
Ennimiro erimu ebitooke bitono.



Classroom 2 Week 2 Class 3

Literacy 2

Letter Formation Phrase

N = Yambuka, kkirira, yambuka.

n = Yambuka, weta, kkirira.

Spelling Practice

n, na, ni, ne, nina, noga, gano

Literacy 1

In the Text Question: Musoke abadde ki?


In My Mind Question: Ssinga enkuba ekusanga mu kkubo okola ki?

Literacy 2


Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Day 4

Agula ebijanjaalo



Enkuba etonnya. Musoke eggaaali emukubye ekigwo. Ebijanjaalo biyiika. Musoke ayoola ebijanjaalo. Musoke adda eka.



Classroom 2 Week 2 Class 4

5 Embeera y'obudde

Literacy 1 and 2

Day 5

Literacy 1

New Letters & Review Chart

		u	i	o	a
G	g	gu	gi	go	ga
N	n	nu	ni	no	na
		bu	bi	bo	ba

Beat the Words

e-ggaa-li
ni-na

ku-gu-la
e-nni-mi-ro

ku-si-ga
bi-to-no

Sentence Assessment

1. Taata avuga eggaali.
2. Nina ennimiro.
3. Ennimiro yange ntono.

Literacy 2

Letter Formation Assessment

G, g, N, n

Spelling Assessment

gu, gi, go, na, ni, ne, gula, guma, kugula, nina, noga, nabo

5.2 Bye tukola mu biseera eby'enjawulo

News

Draw your story picture prior to class. Use this picture to help you tell your news story to the class. It is important that you model telling your news story to the class just as you expect your pupils to do when they come to the front of the class.

Model News Drawing
Drawing of people gardening.

Model News Story

My favorite time of the year is the rainy season. The rain washes the dust off everything. Sometimes when it rains in the morning, the sun shines in the afternoon. This is a season when every household in my village starts planting potatoes, maize, millet and sorghum.

References
NPSCU Teacher's Guide <ul style="list-style-type: none">• Competencies, page 81• Sample scheme of work, page 223• Lesson Plan Guidelines, pages 235-243
NPSCU Curriculum <ul style="list-style-type: none">• Pages 29-30

Traditional Text

Olugero olusonge

"Ky'osimba onaanya, ky'olyako ettooke."

Amakulu g'olugero:

Ekintu ky'okola nga totaddeeyo nnyo mwoyo kye kivaamu ebirungi.

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

5 Embeera y'obudde

Oral Literature

Emirimu

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza olufumo luno n'obwegendereza n'oluvannyuma ombuulire emirimu egikolebwa mu biseera eby'enjawulo.

Ekitundu 1

Okuva edda n'edda abantu mu kitundu kyaffe baakolanga emirimu egy'enjawulo mu biseera by'obudde eby'enjawulo. Abantu baayinzanga okuyigga, abalala ne babumba ate abamu ne babajja so nga abandi baluka ebiruke. Wadde ng'abantu baakolanga emirimu mingi naye okulima gwali mulimu muganzi nnyo n'okutuuka kati. Omulimi yatwalibwanga okuba omuntu ow'omugaso ennyo mu kitundu era ng'aweewbwa ekitiibwa. Bwe wabanga toyagala kukola, banno nga bakuyita "ngajaba."

Olumu baayinzanga okukuyimbira obuyimba nga bakwewaanirako nga bunu, "Banno baalimanga emmwanyi, banno baalimanga olaba wa?"

"Nnyonyi terima muwemba, nnyonyi esanga mulimire." Omulimi buli lunaku yagendanga mu nnimiro n'abaako ky'akolayo okusenziira ku biseera by'obudde obw'enjawulo.

Story Outline

Ekinyusi

Ebikolebwa mu biseera by'obudde obw'enjawulo.

Ensonga ewagira 1:

Ebikolebwa mu biseera eby'enkuba.

Ensonga ewagira 2:

Ebikolebwa mu biseera eby'omusana.

Oral Literature

Ekitundu 2

Yayinzanga okusambula mu biseera eby'omusana ate enkuba bwe yatonyanga ng'akabala. Enkuba bwe yanyinyittiranga ng'akeera nnawankya okugenda mu katale okugula ensigo asobole okusiga. Nga wayiseewo akabanga ng'amaze okusiga, omuddo ne gumera mu birime bye olwo ng'alina okubikoola. Yasobolanga okubikoola omulundi gumu oba ebiri okusenziira ku mbeera y'omuddo. Ebirime bwe byakulanga, yagendanga n'abikungula n'abireeta awaka. Ebimu ng'abirya ate ebirala ng'abitereka so nga ebirala ng'abitunda n'abifunamu ejjamba. Oluusi ebiseera byakyukanga, omusana gwayinzanga okwaka ennyo oba enkuba okutonnya ennyo. Kino kyaleeteranga ebirime okufa.

Ennaku zino abalimi abamu bafukirira ebirime byabwe ne birema okufa omusana. Abalala basiga obudde bukyali ebirime ne bitafa nkuba.


Vocabulary Words	
engajaba	okusambula ejjamba
In the Text Questions	In My Mind questions
1. Mulimu ki ogusinga okwettanirwa mu kitundu kyaffe?	1. Ssinga obadde mutuuze mu kitundu kyaffe, walibadde okola mulimu ki?
2. Mirimu ki emirala egikolebwa mu kitundu kyaffe?	2. Olowooza omulimi asanga buzibu ki?

5 Embeera y'obudde

Literacy 1 and 2

Day 1

T t



etonnye engatto tambula

Enkuba etonnye.
Yambala engatto.
Tambula ne manvuuli.

↓ ↓ ↓ ↓ ↓ ↓ ↓ ↓

Okwasa 2 Wisi 3 Okwasa 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

T t

u	o	i	a
tu	to	ti	ta
gu	go	gi	ga
mu	mo	mi	ma

Thematic Question: Embeera y'obudde etuyisa etya?

Beat the Words

e-to-nnye

e-nga-tto

ta-mbu-la

Literacy 2

Letter Formation Phrase

T = Kkiriza akasittale akatereevu, saza akasaze waggulu w'akasittale.


t = Kkiriza akasittale akatereevu, sazaamu akasaze.

Spelling Practice

t, ti, to, ta, muti, tema, mata

Day 2

Enkuba etonnya



Nagawa agenda ku ssomero. Nagawa akutte ebitabo. Nagawa talina nsawo. Enkuba etonnya.

↓ ↓ ↓ ↓ ↓ ↓ ↓ ↓

Okwasa 2 Wisi 3 Okwasa 2

Literacy 1

In the Text Question: Nagawa agenda wa?

In My Mind Question: Bizibu ki enkuba by'ereeta?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Term 2 Week 3

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart


Tt	tt	i	e	a	aa
		tti	tte	tta	ttaa
		ti	te	ta	taa
		mi	me	ma	maa

Thematic Question: Tuyinza tutya okwerinda enkyukakyuka y'embeera y'obudde?

Beat the Words


e-tti tta-ka e-tto

Tt tt



etti ttaka etto

Kibuyaga asudde etti.
Etti ligudde ku ttaka.
Taata atema etti etto.



Classroom 2 Wili 3 Okwerinda 3

Literacy 2

Letter Formation Phrase

T = Kkiriza akasittale akatereevu, saza akasaze waggulu w'akasittale.

t = Kkiriza akasittale akatereevu, sazaamu akasaze.

Spelling Practice

tt, tti, tte, tta, etti, ettama, ettaka

Literacy 1

In the Text Question: Ani aleeta manvuuli?


In My Mind Question: Tuyinza tutya okwerinda obudde bw'enkuba?

Literacy 2


Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Day 4

Enkuba etonnya



Lule aleeta manvuuli. Lule ayita Nagawa.
Lule ne Nagawa botambulira mu manvuuli. Bombi bagenda ku ssomero.



Classroom 2 Wili 3 Okwerinda 4

5 Embeera y'obudde

Literacy 1 and 2

Day 5

Literacy 1

New Letters & Review Chart

		u	o	i	e
T	t	tu	to	ti	te
Tt	tt	ttu	tto	tti	tte
		mu	mo	mi	me

Beat the Words

e-to-nnye
e-tti

e-nga-tto
tta-ka

ta-mbu-la
e-tto

Sentence Assessment

1. Enkuba etonnye.
2. Taata atema etti etto.
3. Yambala engatto.

Literacy 2

Letter Formation Assessment

T, t, tt

Spelling Assessment

ti, to, ta, tti, tta, muti, tema, mata, etti, ettama, ettaka

5.3 Okwerinda embeera y'obudde

News

Draw your story picture prior to class. Use this picture to help you tell your news story to the class. It is important that you model telling your news story to the class just as you expect your pupils to do when they come to the front of the class.

Model News Drawing

Drawing of a person irrigating crops and cows drinking from a reservoir, nearby.

Model News Story

In my village, there was a terrible drought. The cattle did not have enough water to drink and many died. The village leaders decided to build rain reservoirs so that even if the rain didn't come, we would have enough water stored for irrigating the crops and for cows to drink.

References

NPSCU Teacher's Guide

- Competencies, page 81
- Sample scheme of work, page 224
- Lesson Plan Guidelines, pages 224-253

NPSCU Curriculum

- Pages 30-31

Traditional Text

Oluyimba

Enkuba etonnya,
Omusana gwaka,
Engo ezaala,
Ezaalira ku lwazi,
Tusime ebinzaali,
Tubyanike ku lwazi.

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

Oral Literature

Wankuba ne Wamusana

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza olugero luno n'obwegendereza n'oluvannyuma ombuulire bye tuyinza okukola okwerinda enkuba n'omusana.

Ekitundu 1

Awo olwatuuka nga wabaawo Wamusana ne Wankuba. Baali baamukwano naye nga buli omu agaya munne nti yamusinga amaanyi bw'aba azze mu kitundu ng'anyiize. Olwali olwo, olukiiko lw'ekitundu ne lutuula. Wamusana yasituka n'atandika okweyogerako bwati, "Nze bwe mba nazze mu kitundu abantu batuuyana buli budde, balumwa ennyonta n'obwana bukaaba ebbugumu. Ebimera biyongobera, ebirala bikala n'emiti giggwaako ebikoola. Emigga n'enzizi bikalira n'enjala ejja. Ebisolo ebirundibwa bifa bwe bibulwa omuddo n'amazzi."

Wankuba bwe yawulira bino n'asituka ne yeegogola emimiro. Yeewaana bulungi era yatandika bwati, "Nze bwe nzija mu kitundu, buli kintu kyonna kimanya nti nzize. Ebitundu by'ettaka ebiri ku nsozi bibumbulukuka ne bigwira abantu n'amayumba. Awali obusozi, ettaka ndikuluggusa ate awali omuseetwe, amataba ne ganjaala. Bwe nzija n'empewo, obusolya bw'enju mbumaamulako ate emiti n'ebimera ne biwogoka. Bwe wabaawo emikolo ng'ennyimbe, embaga, n'obutale byonna mbyonoona."

Story Outline

Abali mu lugero

Wamusana, Wankuba, abatuuze

Ekifo

Mu lukiiko

Ebikolebwa

Wankuba ne Wamusana balaga engeri gye beeyisaamu nga bazze mu kitundu. Abatuuze batema empenda ez'okubeerindamu.

Oral Literature

Ekibuuzo eky'okwefumiitiriza: Olowooza kiki ekyaddirira oluvannyuma lw'abantu okuwulira embooji y'aboomukwano bano?

Ekitundu 2

Abantu bwe baawulira embooji eyo ne batya nnyo. Baatema empanda ez'okwerinda Wamusana ne Wankuba. Wankuba atera kujja mu mwezi gwa Muzigo, ogwa Mukulukusabitungotungo n'ogwa Mutunda. Wamusana ye ajjira mu Ssebaaseka ne mu Kasambula. Abantu baateesa engeri gye bayinza okwetegekeramu okujja kwabwe kuba baali tebayinza kubaziyiza. Baateesa nti Wamusana nga tannajja mu kitundu, abantu basaanye bafune ebyambalo ebiweweavu baleme kutuuyana. Basaanye era okweyigiriza okunywa amazzi agamala baleme kulwala. Baateesa okusimba ebirime ng'obudde bukyali omusana gulyoke gujje ng'ebirime bikuze. Okwerinda enjala, baateesa okuzimba ebyagi baterekemu emmere ey'ensigo.

Abaalina enju ez'amabaati baateesa okuzitindira n'okuzimba ez'essubi eziweweera. Abantu baayongera okutema empanda ez'okwerinda ebizibu Wankuba by'ayinza okuleeta. Baateesa obutalima mu bitundu bya nsozi, okutema emifulejje oba emikutu oba emyala wamu n'okubikka ebitooke.


Vocabulary Words		
okukuluggusa	okutema empanda	okwanjaala
In the Text Questions	In My Mind questions	
1. Wankuba ayisa atya abantu bw'aba azze mu kitundu?	1. Enkuba erina mugaso ki?	
2. Abatuuze baateesa kukola ki okusobola okwerinda Wamusana?	2. Omusana gutukosa gutya?	

6 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu

Literacy 1 and 2

Day 1

Y y



yaffe eyaka eyokya

Eno ssigiri yaffe.
Ssigiri yaffe eyaka.
Ssigiri eyaka eyokya.

Y Y Y Y Y

Classroom 2 WBK 4 Classdu 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

Y y

o	i	e	a
yo	yi	ye	ya
to	ti	te	ta
ko	ki	ke	ka

Thematic Question: Bubenje ki obutwetooolodde?

Beat the Words

ya-ffe

e-ya-ka

e-yo-ky

Literacy 2

Letter Formation Phrase

Y = Kkiriza akasittale akampi, kkirira, kkirira.


y = Kkiriza akasittale akampi, kkiriza akasittale akawanvu.

Spelling Practice

Y, yo, yi, ya, yaka, eyaka, yita

Day 2

Effumbiro liggya



Lule, Nagawa ne taata baali balima.
Maama yali mu ffumbiro. Effumbiro lyakwata omuliro. Maama yatya nnyo.

Y Y Y Y Y

Classroom 2 WBK 4 Classdu 2

Literacy 1

In the Text Question: Kiki ekyatuuka ku ffumbiro?

In My Mind Question: Ssinga ennyumba yammwe ekwata omuliro okola ki?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamywe ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Term 2 Week 4

6.1 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu

eka

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart

Y	y	u	o	ee	aa
		yu	yo	yee	yaa
		tu	to	tee	taa
		gu	go	gee	gaa


Thematic Question: Tuyinza tutya okwekuuma obubenje awaka?

Beat the Words

yaa-ya

a-ya-mba

a-ya-ga-la



Literacy 2

Letter Formation Phrase

Y = Kkiriza akasittale akampi, kkirira, kkirira.

y = Kkiriza akasittale akampi, kkiriza akasittale akawanvu.

Spelling Practice

y, yu, yee, yaa, yaaya, gaaya, yeeyo

Literacy 1


In the Text Question: Baani abaazikiriza omuliro?

In My Mind Question: Omuliro guleeta bizibu ki?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Day 4



Term 2 Week 4

6 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu

Literacy 1 and 2

Day 5

Literacy 1

New Letters & Review Chart

Y	y	o	i	e	a
		yo	yi	ye	ya
		to	ti	te	ta
		ko	ki	ke	ka

Beat the Words

ya-ffe

yaa-ya

e-ya-ka

a-ya-mba

e-yo-kya

a-ya-ga-la

Sentence Assessment

1. Ssigiri eyaka eyokya.
2. Yaaya ayamba omwana.
3. Yaaya alera omwana.

Literacy 2

Letter Formation Assessment

Y, y

Spelling Assessment

yu, yo, ya, yi, yee, yaa, yaka, eyaka, yita, yaaya, gaaya, yeeyo

6.1 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu

eka

News

Draw your story picture prior to class. Use this picture to help you tell your news story to the class. It is important that you model telling your news story to the class just as you expect your pupils to do when they come to the front of the class.

Model News Drawing
Drawing of a mother and child with a candle burning.

Model News Story

In my home, we never keep a lighted candle in a room without an adult. I found this very annoying. But later I heard about a family where the children were seriously burned when a lighted candle burned their mattress.

References
NPSCU Teacher's Guide <ul style="list-style-type: none">• Competencies, page 82• Sample scheme of work, page 254• Lesson Plan Guidelines, pages 257-266
NPSCU Curriculum <ul style="list-style-type: none">• Page 33

Traditional Text

Musibannmi

Nnyazaala wa Nnyanzi yanyaga,
ennyama ya nnyinimu ennyongeze.

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

6 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu

Oral Literature

Maama omwegendereza

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza olufumo luno n'oluvannyuma ontegeeze engeri gye tusobola okuziyizaamu obubenje mu maka.

Ekitundu 1

Ku kyalo Nakitokolo kwe kuli amaka ga Ssaalongo Musoke ng'alina mukyala we Nnaalongo Musoke omwegendereza ennyo eri abaana be. Ssaalongo ne Nnaalongo balina abaana bana era abaana baabwe abakulu ye Wasswa ne Nakato. Abaana abo be baddibwako Kizza ate Kamya ye muggalanda. Ewaabwe weetooloddwa olusuku olunene ddala n'oluggya lwabwe lulimu omuddo omuzannyira abaana wamu n'emitu egibawa ebisiikirize. Okumanya nga Nnaalongo ddala mwegendereza, yateekawo ekifo eky'enjawulo awaka we okumpi ne kaabuyonjo awakunjaanyizibwa ebintu eby'obulabe gamba ng'ebicupa ebyatise, emisumaali, ekkirita enkadde, empiso ezikozeseddwa wamu n'ebyo byonna bye wandirowoozezza nti bisobola okutuusa obulabe ku bulamu bw'omuntu. Omukyala ono yateekawo n'etteeka mu maka ge nga ye ne Wasswa mutabani we omukulu be bokka abavunaanyizibwa okukunjaanya ebintu byonna ebiyinda okutuusa obulabe ku baana be era babiteeka mu kifo kiri kye yateekawo. Ekifo ekyo kiriko n'olukomera oluziyiza abato okuzannyirayo.

Story Outline

Ekinyusi

Maama omwegendereza ennyo eri abaana be.

Ensonga ewagira 1:

Yateekawo ekifo eky'enjawulo awaka we w'akunjaanyiza ebintu eby'obulabe.

Ensonga ewagira 2:

Akebera ensawo z'abaana be buli ku makya nga tebannagenda ku ssomero.

6.1 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu

eka

Oral Literature

Ekitundu 2

Alina n'ebipiira ebyambazibwa engalo bye yagula nga bino biyambako omuntu alonda obutafuna buwuka wamu n'okuziyiza obubenje bwe yandifunye ng'alonda ebintu ebifumita. Abaana be bwe baba bagenda ku ssomero, batwala ensawo. Mu nsawo zaabwe batwaliramu ebyokulya wamu n'amazzi ag'okunywa. Buli ku makya nga tebannagenda ku ssomero, Nnaalongo akebera ensawo zaabwe alabe ebintu ebirimu mpozzi n'okubateeramu emmere gye banaalya ku ssomero. Singa Nnaalongo asanga ebintu ebiddugala oba bye batateekwa kutwala ku ssomero mu nsawo zaabwe, ng'abiggyamu. Lumu Nnaalongo aba akebera ensawo z'abaana be n'asanga ekkirita wamu n'ekikwaso mu nsawo ya Kizza. Yamubuuza gye yali abitwala era olw'okutya okungi, Kizza teyaddamu kigambo kyonna. Bw'atyo Nnaalongo yakwata ebintu eby'obulabe bye yasanga mu nsawo ya Kizza n'abiggyamu. Abaana bonna yabayita n'abalabula obutaddamu kukwata ku bintu nga ebyo.

Vocabulary Words	
Nnaalongo	muggalanda obubenje
In the Text Questions	In My Mind questions
1. Ssaalongo ne Nnaalongo balina abaana bameka?	1. Kiki ekiyinza okutuuka ku baana abazannyisa ebintu ebisongovu?
2. Mutabani wa Ssaalongo omukulu ye ani?	2. Singa ggwe wali Nnaalongo, Kizza wandimukoze ki?


Term 2 Week 4

6 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu

Literacy 1 and 2

Day 1

Ng ng



engoye engatto engo

Omusajja ayambadde engoye nnungi.
Engatto ze nzirugavu.
Emmotoka ye etomedde engo.

Ng Ng Ng Ng

Oluuma 2 Wisi 5 Okunde 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

Ng ng

o	a	e	u
ngo	nga	nge	ngu
yo	ya	ye	yu
tto	tta	tte	ttu

Thematic Question: Bubenje ki obutwetooolodde?

Beat the Words

e-ngo-ye

e-nga-tto

e-ngo

Literacy 2

Letter Formation Phrase

N = Yambuka, kkirira, yambuka.


g = Zinga akapiira, kkiriza akasittale, kawete.

Spelling Practice

Ng, ngo, nga, nge, ngatto, ngatta, ngoye

Day 2

Mu kibira



Lule ne Nagawa bayita mu kibira. Lule alengera engo. Nagawa atya era agwa wansi. Nagawa ejjinja limusala engalo.

ng ng ng ng ng

Oluuma 2 Wisi 5 Okunde 2

Literacy 1

In the Text Question: Abaana baalengera ki?

In My Mind Question: Bubenje ki obulala abantu bwe bafuna mu kkubo?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamyee ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

6.2 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu mu

makubo

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart

Ng	ng	o	a	e	i
		ngo	nga	nge	ngi
		go	ga	ge	gi
		bo	ba	be	bi

Thematic Question: Tuyinza tutya okwekuuma obubenje mu makubo?


Beat the Words

le-nge-ra

e-ngo

e-nga-bi

Ng ng



lengera engo engabi

Lengera engo.
Engo egoba engabi.
Engabi efubutuka.

Ng Ng Ng Ng

Classroom 2 WISSE 5 Okundi 3

Literacy 2

Letter Formation Phrase

N = Yambuka, kkirira, yambuka.

g = Zinga akapiira, kkiriza akasittale, kawete.

Spelling Practice

ng, ngo, nga, ngi, ngabi, ngege, ngabo

Literacy 1

In the Text Question: Ani avaamu omusaayi?


In My Mind Question: Ngeri ki gye tuyinza okwewalamu obubenje?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Day 4

Mu kibira



Nagawa avaamu omusaayi mungi. Lule amuteekako ssere. Omusaayi gukendera. Bagenda ku ssomero.

ng ng ng ng ng

Classroom 2 WISSE 5 Okundi 4

6 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu

Literacy 1 and 2

Day 5

Literacy 1

New Letters & Review Chart

		o	a	e	u
Ng	ng	ngo	nga	nge	ngu
		yo	ya	ye	yu
		tto	tta	tte	ttu

Beat the Words

e-ngo-ye

e-nga-tto

ngo

le-nge-ra

e-ngo

e-nga-bi

Sentence Assessment

1. Lenger engo.
2. Engo egoba engabi.
3. Omusajja ayambadde engoye nnungi.

Literacy 2

Letter Formation Assessment

Ng, ng

Spelling Assessment

ngo, nga, nge, ngi, ngatto, ngatta, ngoye, ngabi, ngege, ngabo

6.2 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu mu makubo News

Draw your story picture prior to class. Use this picture to help you tell your news story to the class. It is important that you model telling your news story to the class just as you expect your pupils to do when they come to the front of the class.

Model News Drawing
Drawing of a snake on the road.

Model News Story

One day on my way to school I saw a big snake in the middle of the road! It really scared me. Fortunately a farmer with a big hoe came by and killed the snake. Now whenever I pass that spot I always think of the snake. I take care to walk safely and stay alert when I go to school.

References
NPSCU Teacher's Guide <ul style="list-style-type: none">• Competencies, page 82• Sample scheme of work, page 255• Lesson Plan Guidelines, pages 267-275
NPSCU Curriculum <ul style="list-style-type: none">• Pages 33-34

Traditional Text

Oluyimba

Abooluganda (babiri), x3
Abooluganda babiri- edda n'edda,
Baayitanga (mu kibira), x3
Baayitanga mu kibira- edda n'edda,
Omu yalengera engo- (yalengera), x2
Omu yalengera engo- edda n'edda,
Munne yatya (n'agwa wansi), x3
Munne yatya n'agwa wansi- edda n'edda,
Yafumitibwa ejinja- (yafumitibwa), x2
Yafumitibwa ejinja- edda n'edda.

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

6 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu

Oral Literature

Akabenje

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza olufumo luno n'obwegendereza n'oluvannyuma ombuulire ekyavaako akabenje.

Ekitundu 1

Ebimu ku bika by'entambula ebisangibwa ku kyalo Kito mu ggombolola y'e Kira z'emmotoka, bboodabbooda n'eggaali. Entambula eno eyamba okusaabaza abantu n'ebintu byabwe. Wadde nga kiri bwe kityo, abantu beegendereza nnyo obutatomerwa, kyokka oluusi obuzibu buno bubaawo. Nagawa ne Lule babeera ku kyalo Kito era nga basomera walako okuva ewaabwe. Abaana bano baali bava ku ssomero ne bafuna entiisa! Baalaba emmotoka ng'ekoona bboodabbooda. Emmotoka Kamunye yali eva Kira ng'edda mu Kito n'esisinkana ne bboodabbooda eyali edduka emisinde okusiba nga bambalaganye. Akabenje kaagwa mu kkoona era nga mu kkubo mwalimu ebinnya ebinene ate nga biwanvu nnyo. Emmotoka yali nkadde era nga n'emipiira gyayo si mirungi ate yali etisse akabindo. Ekyawonya abasaabaze kwe kuba nga ddereeva yali tavuga ndiima n'okuba nga abamu baali beesibye emisipi.

Story Outline

Ekinyusi

Akabenje ku luguudo.

Ensonga ewagira 1:

Ebika by'entambula.

Ensonga ewagira 2:

Enneeyisa y'abavuzi b'ebidduka ku luguudo.

6.2 Obubenje n’engeri y’okubwekuumamu mu makubo Oral Literature

Ekitundu 2

Ensonga endala eyabawonya kwe kuba nga tewaali mmotoka ndala zaali zibavaako mabega. Omuvubuka eyali avuga bboodabbooda yali avuga ndiima. Bboodabbooda yali nkadde nnyo era nga n’okusiba tesiba. Wadde omugoba w’emmotoka yali avuga mpola, owabboodabbooda yayingirira Kamunye era ssinga owa kamunye teyali mumanyirivu nnyo, abasaabaze bonna bandifudde. Bboodabbooda baagitomera n’eva ku luguudo n’egwa ebbali. Omugoba yavaako n’agwa eri wadde nga teyafuna bisago bya maanyi. Bboodabbooda yayonooneka nnyo ekitundu ekyo mu maaso. Abantu baakunjaana okutaasa embeera naye ekywuunyisa mu bajja okutaasa mwe mwajjira n’ababbi abaagezaako okubba ebintu by’abasaabaze. Baatandika okusikaasika ensawo n’emigugu. Wabula ng’ Omuganda bw’agamba nti, “Eteefe etuusa mugenyi,” n’abantu bano baayambibwa abapuliisi abaali balawuna ekitundu. Bannange nakulabira agabbi bwe gabuna emiwabo. Owabboodabbooda baamutwala mu ddwaliro ne bboodabbooda ne bagitwala ku puliisi. Omugoba wa kamunye yeemulugunya abapuliisi ne bamusuubiza okukola ku nsonga ze ng’owabboodabbooda avudde mu ddwaliro. Kamunye yatwala abasaabaze n’embeera n’edda mu nteeko.


Vocabulary Words	
okulawuna	endiima okutikka akabindo
In the Text Questions	In My Mind questions
1. Akabenje kaagwa wa?	1. Olowooza owabboodabbooda lwaki yali avuga endiima?
2. Biki ebyawonya abasaabaze obutakosebwa mu kabenje?	2. Olowooza bboodabbooda baagitwala wa?

6 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu

Literacy 1 and 2


Day 1

W w



waka wala walabika

Omusajja agenda waka.
Awaka we wala.
Awaka we walabika bulungi.



Oluoma 2 Wisi 6 Okundi 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

W w

a	e	o	u
wa	we	wo	wu
nga	nge	ngo	ngu
la	le	lo	lu

Thematic Question: Bubenje ki obutwetooolodde?

Beat the Words

wa-ka

wa-la

wa-la-bi-ka

Literacy 2

Letter Formation Phrase

W = Kkirira, yambuka, kkirira, yambuka.


w = Kkirira, yambuka, kkirira, yambuka.

Spelling Practice


W, wa, we, wo, wala, wawe, waka

Day 2

Lule mu ddwaliro



Lule ali ku ssohero ne banne. Lule adduka okuva mu kibina. Wabweru ku mulyango waliwo amadaala. Lule ogwa ku madaala. Lule amenyeka okugulu.



Oluoma 2 Wisi 6 Okundi 2

Literacy 1

In the Text Question: Ku mulyango waliwo ki?

In My Mind Question: Abaana bayinza kwewala batya obubenje?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

6.3 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu ku

ssomero

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart

W	w	a	aa	e	ee
		wa	waa	we	wee
		nga	ngaa	nge	ngee
		ya	yaa	ye	yee

Thematic Question: Tuyinza tutya okwekuuma obubenje ku ssomero?


Beat the Words

wa-li

wa-nsi


a-wo-gga-na

W w



wali wansi awoggana

Omuzenzi ali wali.
Omuzenzi agudde wansi.
Omuzenzi awoggana.



Classroom 2 WEEK 6 Classroom 3

Literacy 2

Letter Formation Phrase

W = Kkirira, yambuka, kkirira, yambuka.

w = Kkirira, yambuka, kkirira, yambuka.

Spelling Practice

waa, we, wee, waata, weewo, waaba

Literacy 1

In the Text Question: Ani yatwala Lule mu ddwaliro?


In My Mind Question: Osobola otya okuyamba munno ng'afunye akabenje?

Literacy 2


Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Day 4

Lule mu ddwaliro



Abasomesa bafuna pikipiki. Omusomesa omu atwala ne Lule. Omusomesa atwala Lule mu ddwaliro. Omusawo amuwa ekitanda.



Classroom 2 WEEK 6 Classroom 4

Term 2 Week 6

6 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu

Literacy 1 and 2

Day 5

Literacy 1

New Letters & Review Chart

W	w	o	e	i	a
		wo	we	wi	wa
		yo	ye	yi	ya
		ko	ke	ki	ka

Beat the Words

wa-li

wa-nsi

a-wo-gga-na

wa-ka

wa-la

wa-la-bi-ka

Sentence Assessment

1. Awaka we wala.
2. Omulenzi ali wali.
3. Omulenzi awoggana.

Literacy 2

Letter Formation Assessment

W, w

Spelling Assessment

wa, we, wo, waa, wee, wala, wawe, waka, waata, weewo, waaba

6.3 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu ku ssomero News

Draw your story picture prior to class. Use this picture to help you tell your news story to the class. It is important that you model telling your news story to the class just as you expect your pupils to do when they come to the front of the class.

Model News Drawing
Drawing of boys playing football.

Model News Story

One day during break time the boys were playing football as usual. One boy was kicked very hard in the knee. He fell down and couldn't stand up. The deputy had to take him to a clinic on his bicycle. The boy had to stay home for several weeks.

References
NPSCU Teacher's Guide <ul style="list-style-type: none">• Competencies, page 82• Sample scheme of work, page 256• Lesson Plan Guidelines, pages 276-283
NPSCU Curriculum <ul style="list-style-type: none">• Page 34

Traditional Text

Oluyimba

Nabbubi yazimba ku muti omuwanvu, Enkuba
yatonyanya nabbubi yagwa,
Tuzze okulamusa Ssaabasajja Kabaka,
E Mengo mu Kampala kumpi n'e Nakivubo,
Emmotoka zisimbye nnyiriri zaazo,
Musajja mugoowa asimbula ekiziyiza, Bwe
zzu-pibi, bwe zzu-pibi, nga twejjawo. Emu,
bbiri, ssatu, nnya, ttaano, mukaaga, musanvu,
munaana, mwenda ne kkumi.

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

Oral Literature

Buwambuzi bugwa mu kidiba

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza embooji eno n'oluvannyuma ombuulire obulabe obwatuuka ku baana ba Wambuzi.

Ekitundu 1

Olwatuuka nga wabaawo Wankima ne Wambuzi nga babeera mu kitundu kimu. Abaana ba bawansolo bano baasomeranga mu ssomero eryo mu kitundu ekyo era nga likulemberwa Wandiga. Wankima ne Wambuzi baakeeranga ne bawerekera abaana baabwe ku ssomero olw'okwewala okutomerwa ebidduka mu kkubo. Emmanju w'ebibiina waaliwo ekidiba omwakunjaaniranga amazzi mu budde bw'enkuba. Ku kidiba kino abaana baateranga okugendayo ne bakizannyiramu.

Abamu nga bakibuuka ate ng'abalala bakiwugiramu. Lwali lumu, abaana ba Wambuzi ne Wankima ne bateesa okuzannyira ku kidiba kino wadde ng'abasomesa baali baabagaana okukizannyiramu. Abaana ba Wankima baali bamanyi okubuuka. Abaana ba Wambuzi bwe baalaba abaana ba Wankima nga banyumiddwa nabo ne bepampalika okubuuka ekidiba nga beerabidde nti baali tebasobola. Baabuukayo no embuuka mmeka! Nga baagudde dda mu mazzi. Baaleekaana nnyo nga beegayirira abaana babayambe so nga nabo tebaali bakugu mu kuwuga.

Story Outline

Abali mu lugero

Bawankima, bawambuzi, Wandiga ne bawansolo abalala abaali abasomesa

Ekifo

Ku ssomero

Ebikolebwa

Abaana ba Wankima ne Wambuzi, bazannyira mu kidiba. Abaana ba Wambuzi bagwa mu kidiba, abasomesa bajja ne babasikamu.

6.3 Obubenje n'engeri y'okubwekuumamu ku ssomero

Oral Literature

Ekibuuzo eky'okwefumiitiriza: Olowooza kiki ekyaddako oluvannyuma lw'abaana ba Wambuzi okugwa mu mazzi?

Ekitundu 2


Mu kuleekana okungi abasomesa ne Wandiga omukulu w'essomero bajja ku kidiba ne basika abaana ba Wambuzi mu kidiba nga babasibyemu emiguwa. Abaana bano baasangibwa tebannabbira wadde nga baali bakoowu eby'ensusso. Wandiga omukulu w'essomero yasaba abasomesa okuziba ekidiba ekyo baleme kuddamu kufuna buzibu bulala. Abaana ku ssomero baalibadde beewala nnyo okuzannyira okumpi n'ebintu ebisobola okubatusaako obulabe.

Vocabulary Words		
okwepampalika	okubbira	okwewala
In the Text Questions	In My Mind questions	
1. Abaana ba Wambuzi ne Wankima baali bazannyira wa?	1. Abaana abebba ku ssomero batera kufuna buzibu ki?	
2. Abasomesa baamanya batya nti akabenje kagudde ku ssomero?	2. Singa ggwe obadde Wambuzi, wandikoze ki?	

Literacy 1 and 2

Day 1

S s



ssowaani eyatise esala

Maama ayoza ssowaani.
Essowaani ya maama eyatise.
Essowaani esala maama engalo.

S S S S S S

Okuma 2 Wisi 7 Okundi 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

S s

a	aa	e	ee
sa	saa	se	see
wa	waa	we	wee
la	laa	le	lee

Thematic Question: Tuyinza tutya okubeera obumu?

Beat the Words

sso-waa-ni

e-ya-ti-se

e-sa-la

Literacy 2

Letter Formation Phrase

S = Weta ng'odda ku kkono, ku ddyo, ne ku kkono.


s = Weta ng'odda ku kkono, ku ddyo, ne ku kkono.

Spelling Practice

s, sa, saa, se, esala, asaawa, aleese

Day 2

Obuyonjo



Lule ne Nagawa bali waka. Nagawa ayagala kwoza ssuuka. Lule ayagala kwoza ssaati. Awaka tewali ssabbuuni.

S S S S S S

Okuma 2 Wisi 7 Okundi 2

Literacy 1

In the Text Question: Lule ne Nagawa bali ludda wa?

In My Mind Question: Ggwe okola mirimu ki awaka?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart

Ss	ss	a	aa	e	o
		ssa	ssaa	sse	ssso
		wa	waa	we	wo
		nga	ngaa	nge	ngo

Thematic Question: Tuyinza tutya okubeera obumu mu maka?

Beat the Words

e-ssaa-wa e-ssso-waa-ni sse-ffu-li-ya

Ss ss



essaawa essowaani sseffulya

Essaawa ya kyamisana.
Essowaani ziri ku mmeeza.
Maama aleese emmere mu sseffulya.

Ss Ss Ss Ss

Classroom 2 Week 7 Classdu 3

Literacy 2

Letter Formation Phrase

S = Weta ng'odda ku kkono, ku ddyo, ne ku kkono.

s = Weta ng'odda ku kkono, ku ddyo, ne ku kkono.

Spelling Practice

ss, ssa, ssaa, sso, ssaawa, ssowaani, ssenga

Literacy 1

In the Text Question: Ani yaleeta ssabbuuni?


In My Mind Question: Ani agula ebintu ewammwe?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Day 4

Obuyonjo



Nagawa agamba taata nti tewali ssabbuuni. Taata aleeta ssabbuuni. Nagawa ayozza essuuka. Lule ayozza essaati. Abaana bombi basanyuka.

SS SS SS SS SS

Classroom 2 Week 7 Classdu 4

7 Okubeera awamu

Literacy 1 and 2

Day 5

Literacy 1

New Letters & Review Chart

		a	aa	o	e
S	s	sa	saa	so	se
Ss	ss	ssa	ssaa	ssO	sse
		wa	waa	wo	we

Beat the Words

sso-waa-ni

e-ya-ti-se

e-sa-la

e-ssaa-wa

e-ssO-waa-ni

sse-ffu-li-ya

Sentence Assessment

1. Maama ayoza ssowaani.
2. Essaawa ya kyamisana.
3. Essowaani ziri ku mmeeza.

Literacy 2

Letter Formation Assessment

S, s, ss

Spelling Assessment

sa, saa, se, ssa, ssaa, sso, esala, asaawa, aleese, ssaawa, ssowaani, ssenga

7.1 Okubeera awamu mu maka

News

Draw your story picture prior to class. Use this picture to help you tell your news story to the class. It is important that you model telling your news story to the class just as you expect your pupils to do when they come to the front of the class.

Model News Drawing
Drawing of a grandmother telling stories.

Model News Story

I love my grandmother. She is an amazing person. Even though she is old she works hard in her garden every day. She knows how to cook all my favourite foods. I especially enjoy when she tells stories of her life when she was a girl.

References
NPSCU Teacher's Guide <ul style="list-style-type: none">• Competencies, page 83• Sample scheme of work, page 284• Lesson Plan Guidelines, pages 287-293
NPSCU Curriculum <ul style="list-style-type: none">• Page 36

Traditional Text

Musibannimi

Ssinga ssenga ow'e Ssingo ssaamulaba, ssinga ssenga Nassanga ow'e Ssagala simwagala.

Yansanga nsekera Ssessanga ow'e Ssagala.

Yansiiya ne nsekamu ne simanya nti anyiize.

Yansimbula oluyi n'omusipi ne gukutuka.

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

Oral Literature

Amaka ga Kasujja

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza embooji eno n'oluvannyuma ombuulire ekyalemesa emirimu okukolebwa obulungi.

Ekitundu 1

Ku kyalo Kalangaalo kwaliko omusajja ayitibwa Kasujja eyali omulimi omukuukuutivu. Kasujja yalina omukyala n'abaana babiri: Lule ow'emyaka omwenda ne Nagawa ow'emyaka omusanvu. Awaka waabwe baaberangawo ne jajja. Omwami ono yalina ente ssatu. Yalina endowooza nti buli muntu ali awaka alina ky'asobola okukola okuyimirizaawo amaka. Kasujja yali amanyi nti y'avunaanyizibwa okugabira ab'awaka emirimu n'okulaba nga gikolebwa. Lwali lumu Kasujja n'agaba bwati emirimu egyali egy'olunaku olwo: Mukyala we yamuwa okutema omuti omunene ogwali gugenda okukuba effumbiro naye yali wa kugutemesa mbazzi. Lule yamugamba kulunda nte. Nagawa yamugamba kukima ppipa y'amazzi anti abantu n'ente bonna baali bageetaaga. Ye jajja yamuwa okulonda ebijanjaalo ebyali ebyokulya kw'olwo n'omuceere gwakwo. Ye yeewa okunoga emwanyi ezaali zibaze obulungi. Nga Kasujja amaze okugaba emirimu, abantu bonna baagenda ku mirimu gyabwe awatali kwemulugunya anti yali taddwamu.

Story Outline

Ekinyusi

Emirimu gy'awaka.

Ensonga ewagira 1:

Abantu basaanye okwenyigira mu mirimu gy'awaka.

Ensonga ewagira 2:

Abantu bakole emirimu egiri mu busobozi bwabwe.

Oral Literature

Ekitundu 2

Lule eyaweebwa okulunda ente, bwe yazituukako ne ziŋooŋa nga bwe zibuuka n'atya era n'addukayo. Nagawa ku luzzi yasangayo mukwano gwe eyamulaba ng'abendabenda n'ekidomola n'amuyambako. Ye jajja bwe yalonda ebijanjaalo n'omuceere, ebisasiro n'amayinja byasigalamu anti yali talaba bulungi. Kasujja eyagaba emirimu yali agenze n'akadeeya n'ejjambiya naye yeerabira empenduzo. Emmwanyi yanogako ze yali atuuka ezaali waggulu teyazinoga anti yali mumpi. Mwami Katende muliraanwa waabwe bwe yabakyalira, yasanga omukyala atema omuti naye nga talina gy'aguzza.

Bwe yamubuuzza ky'akola yamuddamu nti, "Guno gwe mulimu gwange ogwa leero." Mwami Katende bwe yabuuzza Kasujja ekyamuweesezza omukazi omulimu ogwo, yamuddamu nti, "Buli muntu ali ewange asobola okukola omulimu oguba gumuweereddwa."


Katende yeewuunya nnyo amagezi gano amatono. Katende yamunenya era yagenda okwetegereza ng'emirimu gyonna gye yali agabye gyali tegikoleddwa bulungi. Bwe yali agaba emirimu teyafaayo ku busobozi bw'abantu be. Katende yatuula ne Kasujja n'amuwa amagezi ku ngeri gye yandigabyemu emirimu. Kisaanye abantu baweebwenga emirimu egigya mu busobozi bwabwe.

Vocabulary Words	
mukuukuutivu	ziŋooŋa
	kinnawadda
In the Text Questions	In My Mind questions
1. Mwami Kasujja yali akola mulimu ki?	1. Oyize ki mu lugero luno?
2. Mwami Katende ye yali ani?	2. Singa wali obeera mu maka ago, wandikoze mulimu ki?

Literacy 1 and 2

Day 1

F f



ffene fenna fekka

Fenna tugenda kulya ffene.
Kirungi okugabana fenna.
Si kirungi kulya fekka.

F F F F

Okuma 2 Wisi 8 Okundi 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

F f

e	a	o	i
fe	fa	fo	fi
ne	na	no	ni
be	ba	bo	bi

Thematic Question: Tuyinza tutya okubeera obumu?

Beat the Words

ffe-ne

fe-nna

fe-kka

Literacy 2

Letter Formation Phrase

F = Kkiriza akasittale, saza waggulu ne mu makkati.


f = Weta akasittale ng'odda ku kkono okakkirize,
saza akasaze wakati.

Spelling Practice

f, fe, fa, fu, fenna, bifi, fuba

Day 2

Ku ssomero



Lule ne Nagawa bali ku ssomero. Nagawa abuuka omuguwa. Lule azannya akapiira ne banne. Lule yeekoona ekigere.

f f f f

Okuma 2 Wisi 8 Okundi 2

Literacy 1

In the Text Question: Anni abuuka omuguwa?

In My Mind Question: Ggwe bw'obeera ku ssomero ozannya mizannyo ki?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamywe ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart

F ff	e	a	o	u
	ffe	ffa	ffo	ffu
	ne	na	no	nu
	me	ma	mo	mu

Thematic Question: Tukolagana tutya n'abantu be tubeera nabo ku ssomero?


Beat the Words

ffi-ri-mbi

ffu


a-ba-ffe

Ff ff



ffirimbi ffu abaffe

Eno ffirmibi.
Omusajja afuuwa ffirmibi bwe ffu.
Abaffe ffirmibi etuyita fenna.



Classroom 2 Week 8 Classroom 3

Literacy 2

Letter Formation Phrase

F = Kkiriza akasittale, saza waggulu ne mu makkati.

f = Weta akasittale ng'odda ku kkono okakkirize, saza akasaze wakati.

Spelling Practice

ff, ffe, ffa, ffu, ffene, ffumu, naffe

Literacy 1

In the Text Question: Ani yatwala Lule ew'omusawo?


In My Mind Question: Ssinga osanga omuntu afunye obuzibu okola ki?

Literacy 2


Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Day 4

Ku ssomero



Lule bamusitulawo. Bamatwala eri omusomesa. Omusomesa amatwala eri omusawo. Omusawo amujjanjaba.



Classroom 2 Week 8 Classroom 4

Literacy 1 and 2

Day 5

Literacy 1

New Letters & Review Chart

		e	a	o	u
F	f	fe	fa	fo	fu
Ff	ff	ffe	ffa	ffo	ffu
		ne	na	no	nu

Beat the Words

ffe-ne
ffi-ri-mbi

fe-nna
ffu

fe-kka
a-ba-ffe

Sentence Assessment

1. Fenna tugenda kulya ffene.
2. Eno ffirmibi.
3. Abaffe ffirmibi etuyita fenna.

Literacy 2

Letter Formation Assessment

F, f, ff

Spelling Assessment

fe, fa, fu, ffe, ffa, ffu, fenna, bifa, fuba, ffene, ffumu, naffe

News

Draw your story picture prior to class. Use this picture to help you tell your news story to the class. It is important that you model telling your news story to the class just as you expect your pupils to do when they come to the front of the class.

Model News Drawing
Drawing of pupils practicing for the music contest.

Model News Story

I always enjoy the time when the school is preparing for the music contest. I like listening to the pupils practicing. Everyone is excited about preparing for the contest. The school comes together to support the choir. It is a happy time at our school.

References
NPSCU Teacher's Guide <ul style="list-style-type: none">• Competencies, page 83• Sample scheme of work, page 285• Lesson Plan Guidelines, pages 294-301
NPSCU Curriculum <ul style="list-style-type: none">• Page 37

Traditional Text

Olugero olusonge

"Agali awamu ge galuma ennyama, ng'ow'amalibu akiina wa ngereka."

Amakulu g'olugero:

Bwe tukolera awamu, emirimu gyanguwa.

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

Oral Literature

Lule ne banne ku ssomero

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza olufumo luno n'oluvannyuma ombuulire engeri abayizi gye baakolaganangamu.

Ekitundu 1

Ku kyalo Namutamba kwe kusangibwa essomero eriyitibwa Kito Pulayimale. Essomero lino liri emitala ebiri okuva mu maka ga ba Lule. Mu ssomero lino Lule mw'asomera. Mu Kito pulayimale mulimu ebintu bingi ebikolebwamu ebiyigiriza abaana okubeera abantubalamu. Mu bye bakola mwe muli; okuliira awamu, okuzannyira awamu, okussanjjanamu ekitiibwa, okuyambagana n'okugabana. Lule ku ssomero ayagalibwa nnyo baana banne n'abasomesa. Bw'aba agenda ku ssomero buli lunaku atwalira baana banne n'abasomesa be ffene ku ggaali. Ekiseera ky'okuzannya bwe kituuka, Lule akakasa nti buli muyizi afuna ku ffene gw'aba yaleese era kino kimufuula omuganzi ennyo mu bayizi banne. Lumu baba bazannya akapiira mu kisaawe ky'essomero, Lule n'agwa wansi. Banne baayanguwa okumudduukirira era baagenda okumutuukako ng'anuubuse nga n'okuyimirira takyasobola.

Story Outline

Ekinyusi

Obumu bw'abayizi ku ssomero.

Ensonga ewagira 1:

Okugabanira awamu.

Ensonga ewagira 2:

Okuyamba abafunye obuzibu.

Oral Literature

Ekitundu 2


Abayizi banne ba Lule baamusitula ne bamutwala ew'omusomesa gye yafunira obujjanjabi. Omusomesa yabeebaza nnyo olw'okufaayo era n'okulaga obuntubulamu. Yayongera okubakubiriza okugenda mu maaso n'empisa eyo. Olulala omusomesa yabalagira okulongoosa ekibiina. Lule yayita banne ne bagabana emirimu. Abayizi abamu baasitula entebe, abalala baayera ate abalala ne bakunjaanya ebitabo. Kino kyabasobozesa okumaliriza okulongoosa ekibiina ng'omusomesa bwe yayagala era omusomesa bwe yadda, yabeebaza olw'okukolera awamu. Bwe tukolera awamu, tukola bulungi emirimu ate nga tukozesa obudde butono.

Vocabulary Words	
omuganzi	okussanjjanamu ekitiibwa okudduukirira
In the Text Questions	In My Mind questions
1. Lule yatwalanga ki ku ssomero?	1. Ssinga ggwe wali muzadde wa Lule, abaamuyamba wandibakoledde ki?
2. Lule yasomeranga mu ssomero ki?	2. Olowooza eddagala lye bajjanjabisa Lule lyava wa?

Literacy 1 and 2

Day 1

Mb mb



akambe mbuzi mbaga

Omusajja alina akambe.
Akambe akakozesa kubaaga mbuzi.
Ennyama bagigabula ku mbaga.

Mb Mb Mb Mb

Okusoma 2 Wisi 9 Okufunika 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

Mb mb

u	i	a	e
mbu	mbi	mba	mbe
gu	gi	ga	ge
ku	ki	ka	ke

Thematic Question: Tuyinza tutya okubeera obumu?

Beat the Words

mba-ga

mbu-zi

a-ka-mbe

Literacy 2

Letter Formation Phrase

M = Yambuka, kkirira, yambuka, kkirira.


b = Kkiriza akasittale akatereevu, zinga akapiira.

Spelling Practice

Mb, mbu, mbi, mba, mbaga, kambe, gamba

Day 2

Embaga



Taata wa Nagawa mugole. Ayambadde bulungi essuuti. Maama wa Nagawa tali mu kyambalo kya bagole. Maama wa Nagawa munakuwawu nnyo.

mb mb mb mb

Okusoma 2 Wisi 9 Okufunika 2

Literacy 1

In the Text Question: Ani mugole?

In My Mind Question: Mikolo ki gye twambalira obulungi?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamyee ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart


Mb	mb	o	a	aa	ee
		mbo	mba	mbaa	mbee
		wo	wa	waa	wee
		to	ta	taa	tee

Thematic Question: Tuyinza tutya okubeera obumu mu kyaffe?

Beat the Words


a-ya-mba-dde kya-mba-lo mba-ga

Mb mb



ayambadde kyambalo mbaga

Nagawa ayambadde bulungi.
Nagawa ali mu kyambalo.
Nagawa mperekeze ku mbaga.



Classroom 2 Week 9 Classroom 3

Literacy 2

Letter Formation Phrase

m = Kkirira, yambuka, weta, kkirira, yambuka, weta, kkirira.

b = Kkiriza akasittale akatereevu, zinga akapiira.

Spelling Practice

mbo, mbee, mbaa, mboga, mbaata, kigambo

Literacy 1

In the Text Question: Ani yagulira maama wa Nagawa ekyambalo?

In My Mind Question: Ssinga omukolo gutuuka nga toline kyambalo, okola otya?

Literacy 2


Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Day 4

Embaga



Ssenga agulira maama wa Nagawa ekyambalo. Maama ayambala ekyambalo. Maama asanyuka. Embaga egenda mu maaso.



Classroom 2 Week 9 Classroom 4

7 Okubeera awamu

Literacy 1 and 2

Day 5

Literacy 1

New Letters & Review Chart

Mb	mb	u	i	a	aa
		mbu	mbi	mba	mbaa
		gu	gi	ga	gaa
		tu	ti	ta	taa

Beat the Words

mba-ga
a-ya-mba-dde

mbu-zi
kya-mba-lo

a-ka-mbe
mba-ga

Sentence Assessment

1. Omusajja alina akambe.
2. Nagawa ayambadde bulungi.
3. Nagawa ali mu kyambalo.

Literacy 2

Letter Formation Assessment

Mb, mb

Spelling Assessment

mbu, mbi, mba, mbo, mbee, mbaa, mbaga, kambe, gamba, mboga, mbaata, kigambo

News

Draw your story picture prior to class. Use this picture to help you tell your news story to the class. It is important that you model telling your news story to the class just as you expect your pupils to do when they come to the front of the class.

Model News Drawing
Drawing of an election rally.

Model News Story

Elections are always an interesting time in our community. Posters go up everywhere. People discuss which candidate they think is best. The candidates hold rallies to encourage people to vote for them. I like elections!

References
NPSCU Teacher's Guide <ul style="list-style-type: none">• Competencies, page 83• Sample scheme of work, page 286• Lesson Plan Guidelines, pages 302-307
NPSCU Curriculum <ul style="list-style-type: none">• Page 38

Traditional Text

Oluyimba

Kya kwambala nange nandigenze,
Kya kwambala nange nandigenze,
Kya kwambala nange nandigenze.
Kya kwambala kye kyaleeta taabu.

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

Oral Literature

Enkindo za Wanfudu

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza embooji eno n'oluvannyuma ombuulire lwaki enfudu erina enkindo.

Ekitundu 1

Awo olwatuuka nga wabaawo bawabinyonyi ne mukwano gwabwe Wanfudu. Bonna bano baabeeranga mu kitundu kimu. Baateranga okusisinkana ne banyumya ku bintu eby'enjawulo. Wanfudu yeegombanga nnyo bawabinyonyi olw'ebiwawaatiro byabwe. Olumu baba banyumya, bawabinyonyi ne bamutegeeza nti, "Tulina akabaga ke tugendako mu ggulu eyo ewa mukwano gwaffe."

Wanfudu yasaalirwa nnyo era n'abagamba nti, "Nange mwattu naalyetaaze okugenda nammwe naye sirina biwawaatiro."

Baamutunuulira ne bamusaasira nga bamulaga nga bwe bagenda okumulyako ebintu. Wankofu yabuuza banne nti, "Tetusobola kumuyiyiza ngeri yonna gye tumutwalamu?" Wannyange yateesa nti Wanfudu bamusondere ebyoya afune ebiwawaatiro asobole okubuuka. Bawabinyonyi bassa kimu ne bamusondera ebyoya era n'afuna ebiwawaatiro n'abuuka nabo okugenda ku kabaga. Ekyo kyamusanyusa nnyo era n'agenda ng'ali mu ssanyu ppitirivu. Bwe baatuuka ku kabaga, abantu bonna beewunya engeri Wanfudu gye yasobola okubuukamu. Baabaaniriza ne babaleetera ebyokulya nkuyanja. Wanfudu ye yasooka okulya nga tanaabye mu ngalo.

Story Outline

Abali mu lugero

Wanfudu, Wankofu, Wannyange ne bawabinyonyi abalala

Ekifo

Mu bbanga

Ebikolebwa

Bawabinyonyi basondera Wanfudu ebyoya, babuuka naye ne bagenda ku kabaga, abalyako emmere era mu kukomawo bamujjako ebyoya byabwe, agwa n'ayatika.

Oral Literature

Ekibuuzo eky'okwefumiitiriza: Olowooza bawabinyonyi baakola ki nga Wanfudu emmere yonna agiridde?

Ekitundu 2

Ekikolwa kino Wanfudu kye yakola, kyanyiiza bawabinyonyi bonna era ne basalawo okwesasuzza nga bamujjako ebyoya byabwe. Baasalawo nga tebannasitula nti bwe banaaba baddayo nga batuuse mu bwengula batuukirize akalagaane. Bwatyo Wanfudu ng'amaze okujjibwako ebyoya yeerindiggula ennume y'ekigwo ku lwazi ekiwaawo kye ne kyatikayatika. Okuva olwo okutuuka kati Wanfudu alina enkindo era takyabuuka, abeera wansi era atambula asooba. Wanfudu yaalibadde akolagana bulungi ne bawabinyonyi kubanga baamuyamba okumuwa ebiwaawaatiro ebyamutuusa ku kabaga n'okulya ku bya ssava. Wanfudu yeeyisa bubi nnyo kubanga olwatuuka banne yabalyako buli kantu bo ne baviiramu awo. Kirungi okujjukira abantu abatuyamba okutuuka ku birungi ne tuteeyisa nga Wanfudu.


Vocabulary Words	
nkuyanja	mu bwengula yeerindiggula
In the Text Questions	In My Mind questions
1. Wanfudu ne bawabinyonyi baali balaga wa?	1. Olowooza kirungi omuntu okwefuulira akuyambye?
2. Kiki ekyayamba Wanfudu okubuuka ne bawabinyonyi?	2. Olowooza lwaki Wanfudu yeefuulira mikwano gye?

8 Emmere n'emigaso gyayo

Literacy 1 and 2

Day 1

Ny ny



ennyama ennyaanya ebyennyanya

Ennyama eri mu katale.
Ennyaanya nnyingi mu katale.
Ebyennyanya biri mu katale.

Ny Ny Ny Ny

Classroom 2 WIS 10 Okunlu 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

Ny ny

a	aa	u	i
nya	nyaa	nyu	nyi
mba	mbaa	mbu	mbi
ma	maa	mu	mi

Thematic Question: Emmere gye tulya erina migaso ki?

Beat the Words

e-nnya-ma

e-nnyaa-nya

e-bye-nnya-nja

Literacy 2

Letter Formation Phrase

N = Yambuka, kkirira, yambuka.


y = Saza akasittale akampi, kkiriza akasittale akawanvu.

Spelling Practice

ny, nya, nyaa, nyu, nnyaanya, nyumba, nyamba

Day 2

Ennimirow



Taata wa Lule ne Nagawa alina ennimirow.
Mu nnimiro ye mulimu ennyaanya. Mu
nnimiro ye mulimu doodo. Obudde bwa
musana. Ennyaanya ne doodo biwotose.

ny ny ny ny ny

Classroom 2 WIS 10 Okunlu 2

Literacy 1

In the Text Question: Mu nnimiro mulimu ki?

In My Mind Question: Mwe emmere gye mulya, mugijja wa?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart

D	d	o	oo	a	e
		do	doo	da	de
		nyo	nyoo	nya	nye
		mbo	mboo	mba	mbe

Thematic Question: Emmere gye tulya tugijja wa?


Beat the Words

doo-do

o-mu-ddo

ddii-ro

D d



doodo omuddo ddiro

Abakazi banoga doodo.
Doodo ne kasooli birimu omuddo.
Abakazi baleeta doodo mu ddiro.

D D D D

Classroom 2 Week 10 Classroom 3

Literacy 2

Letter Formation Phrase

D = Kkiriza akasittale akatereevu, weta ekibuto.

d = Zinga akapiira okabunize, kkiriza akasittale akatereevu.

Spelling Practice

d, do, doo, da, doodo, muddo, ddembe

Literacy 1

In the Text Question: Ani afukirira ennyaanya?


In My Mind Question: Ewammwe mulima mmere ki?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Day 4

Ennimi



Taata atuma Lule ne Nagawa emugga.
Lule ne Nagawa baleeta amazzi. Lule afukirira ennyaanya. Nagawa afukirira doodo. Ennyaanya ne doodo bitinta.

d d d d d d d

Classroom 2 Week 10 Classroom 4

8 Emmere n'emigaso gyayo

Literacy 1 and 2

Day 5

Literacy 1

New Letters & Review Chart

		a	aa	o	oo
Ny	ny	nya	nyaa	nyo	nyoo
D	d	da	daa	do	doo
		ma	maa	mo	moo

Beat the Words

e-nnya-ma
doo-do

e-nnyaa-nya
o-mu-ddo

e-bye-nnya-nja
ddii-ro

Sentence Assessment

1. Ennyama eri mu katale.
2. Abakazi banoga doodo.
3. Abakazi baleeta doodo mu ddiro.

Literacy 2

Letter Formation Assessment

Ny, ny, D, d

Spelling Assessment

nya, nyaa, nyu, do, doo, da, doodo, omuddo, ddembe, nnyaanya, nnyumba, nyamba

8.1 Amannya g'emmere ne gye tugigya

News

Draw your story picture prior to class. Use this picture to help you tell your news story to the class. It is important that you model telling your news story to the class just as you expect your pupils to do when they come to the front of the class.

Model News Drawing

Drawing of mother winnowing millet and person eating millet bread.

Model News Story

My favourite food is millet bread. When I eat millet bread I feel satisfied. I have lots of energy to do my work. I also like the smell of the millet when my mother is winnowing it. It is my favourite smell in the whole world.

References

NPSCU Teacher's Guide

- Competencies, page 84
- Sample scheme of work, page 308
- Lesson Plan Guidelines, pages 311-317

NPSCU Curriculum

- Page 40

Traditional Text

Olugero olusonge

"Asimba kasooli tamulya makoola, amulinda kwengera."

Amakulu g'olugero:

Luyigiriza obugumiikiriza ku bye twagala.

Obugumiikiriza bututuusa ku by'omugaso ennyo.

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

8 Emmere n'emigaso gyayo

Oral Literature

Bye tulya bitugasa

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza embooji eno n'oluvannyuma ombuulire ebika by'emmere eyogerwako.

Ekitundu 1

Edda ennyo ku kyalo Ggwafu kwaliko omukadde ayitibwa Kyofatogabye. Lwali lumu omukadde ono n'akyaza abagenyi abaayagala ennyo okumanya ebimukwatako. Baamubuuza nti, "Nnyabo, ku Ggwafu omazeeko bbanga ki?"

Ye n'abaddamu nti, "Ku Ggwafu kwe banzaala, kwe nkulidde era kwe nkaddiyidde. Ekyalo kino kigenze kikula naye ebyokulya tebiggwaako. Ffe tulima ne tulya emmere ey'enjawulo ng'amatooke, lumonde, kasooli, endaggu, balugu, ebisebe, amayuuni n'amakobe. Olumu lwe twesanyusaamu, tugenda ne twegulira omuceere mu maduuka. Enva ezisinga tuzeerimira gamba: ebinyeebwa, ebijanjaalo, empande, obuyindiyindi, empindi, kawo, ssoya, mpokya, entungo, ejjobyo, entula, emboga ne nnakati. Tetulima bulimi kyokka naye tulunda enkoko, embuzi, endiga, ente, embizzi, obumyu, ssekkokko n'embaata. Muno tufunamu ennyama, amata n'amagira ate ebimu ku bino tubitunda ne twefunira ensimbi."

Story Outline

Ekinyusi

Ebika by'emmere.

Ensonga ewagira 1:

Emmere n'enva ebirimibwa.

Ensonga ewagira 2:

Ebisolo ebirundibwa.

8.1 Amannya g'emmere ne gye tugiggya

Oral Literature

Ekitundu 2

Tulina n'ebibala nga ffene, ovakkedo, emicungwa, ensaali emiyembe, obutunda, ennyaanya, ebikajjo, amenvu, ennaanansi, amatugunda, ebisitaaffeeri n'enniimu. Tulya n'ebyo Katonda by'atugabira okugeza enswa bwe zibuuka n'enseenene bwe zigwa zituwoomera nnyo. Abavubi nabo batuliisa ku mpuuta, engege, emmale, enkolongo, emmamba, ssemutundu, ensonzi, enkejeje ne mukene. Ky'ova weesanga nti abantu ba kuno tebalwalalwala era balina amaanyi. Abaana bakula bulungi kuba okuva mu buto nga balya emmere ne bakkuta. Ebyokulya byonna bibayamba okugema endwadde ezikwata abatalya bulungi.”

Abagenyi baamuddamu nti, “Nnyabo, tweyanzizza okutukyaza n'okutubuulirira ebintu ebikulu bwe bityo.”

Yabaddamu nti, ” Kale nammwe mwebale kujja.”


Vocabulary Words		
enva	ensaali	ensimbi
In the Text Questions	In My Mind questions	
1. Menya ebika by'emmere gy'owulidde mu mboози.	1. Ssinga wakyalira Kyofatogabye, wandimusabye kyakulya ki?	
2. Mmere ya kika ki gye tujja mu nnyanja?	2. Bibala ki ebirala by'omanyi?	

8 Emmere n'emigaso gyayo

Literacy 1 and 2

Day 1

Nn nn



ennaanansi nnimiro amayuuni

Ennaanansi nnene.
Ennaanansi ziri mu nnimiro.
Ennimiro erimu amayuuni.

Nn Nn Nn Nn

Classroom 2 Week 11 Classroom 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

Nn nn

a	aa	i	ii
nna	nnaa	nni	nnii
na	naa	ni	nii
ma	maa	mi	mii

Thematic Question: Emmere gye tulya erina migaso ki?

Beat the Words

e-nnaa-na-nsi

nni-mi-ro

a-ma-yuu-ni

Literacy 2

Letter Formation Phrase

N = Yambuka, kkirira, yambuka.


n = Kkirira, yambuka, weta, kkirira.

Spelling Practice

Nn, nna, nnaa, nni, nnima, nnina, nniimu

Day 2

Atta emmese



Nagawa atereka emmere mu kabada. Lule atereka emmere mu kabada. Nagawa tabisse bulungi ku mmere ye. Bavullira emmese ennene mu kabada. Tebafaayo. Lule ne Nagawa bagenda okuzannya.

nn nn nn nn

Classroom 2 Week 11 Classroom 2

Literacy 1

In the Text Question: Ani atabisse bulungi ku mmere ye?

In My Mind Question: Lwaki tubikka ku mmere?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamyeye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Term 2 Week 11

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart

N	nn	i	ii	u	e
		nni	nnii	nnu	nne
		ni	nii	nu	ne
		mi	mii	mu	mee

Thematic Question: Migaso ki gye tufuna mu kukuuma obulungi emmere?


Beat the Words

nne-ne

nnu-ngi

e-nnii-mu

Nn nn



nnene nnungi enniimu

Ennaanansi eno nnene.
Ennaanansi eno nnungi.
Enniimu ziriraanye ennaanansi.

Nn Nn Nn Nn

Classroom 2 Week 11 Olanike 3

Literacy 2

Letter Formation Phrase

N = Yambuka, kkirira, yambuka.

n = Kkirira, yambuka, weta, kkirira.

Spelling Practice

nn, nni, nnii, nnu, nnume, nnene, nnungi

Literacy 1

In the Text Question: Ani eyatta emmese?


In My Mind Question: Mmwe ewammwe emmere mugikuuma mutya?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Day 4

Atta emmese



Nagawa enjala emuluma. Anona emmere ye. Asanga emmese eridde emmere ye yonna. Lule aleeta omuggo. Lule atta emmese. Lule awa Nagawa ku mmere ye.

nn nn nn nn

Classroom 2 Week 11 Olanike 4

8 Emmere n'emigaso gyayo

Literacy 1 and 2

Day 5

Literacy 1

New Letters & Review Chart

Nn	nn	a	aa	i	u
		nna	nnaa	nni	nnu
		na	naa	ni	nu
		ma	maa	mi	mu

Beat the Words

e-nnaa-na-nsi
nne-ne

nni-mi-ro
nnu-ngi

a-ma-yuu-ni
e-nnii-mu

Sentence Assessment

1. Ennaanansi nnene.
2. Ennaanansi eno nnene.
3. Ennaanansi eno nnungi.

Literacy 2

Letter Formation Assessment

Nn, nn

Spelling Assessment

nna, nnaa, nni, nnii, nnu, nnima, nnina, nniimu, nnume, nnene, nnungi

8.2 Emigaso gy'emmere n'enkuuma yaayo

News

Draw your story picture prior to class. Use this picture to help you tell your news story to the class. It is important that you model telling your news story to the class just as you expect your pupils to do when they come to the front of the class.

Model News Drawing
Drawing of a sick person eating the silver fish and mushroom soup.

Model News Story

When someone is sick in our family, we always prepare mushrooms and silver fish for them to eat. The silver fish is full of vitamins and minerals to help the body fight disease and get well.

References
NPSCU Teacher's Guide <ul style="list-style-type: none">• Competencies, page 84• Sample scheme of work, page 309• Lesson Plan Guidelines, pages 318-323
NPSCU Curriculum <ul style="list-style-type: none">• Page 41

Traditional Text

Oluyimba

Siisi twagenda mu kibira,
Siisi okunogayo ebibala,
Siisi twali tubinoga,
Siisi ne tulengera essajja,
Siisi lyali ddene nnyo,
Siisi ate nga ggwanvu,
Siisi ne litugoba emisinde,
Siisi ne tukaaba n'amaziga,
Siisi mwesirikire abaana,
Siisi sija kubalya.

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

8 Emmere n'emigaso gyayo

Oral Literature

Enjala ddekabusa

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza olugero luno n'oluvannyuma ombuulire ekyavaako emmere ya Wankoko ne Wambaata okuggwaawo.

Ekitundu 1

Olwali olwo enjala ddekabusa n'egwa ku kyalo Bbira. Abantu baakwo ng'emmere banoonya nnoonye mu byalo ebyetooloddewo. Ku kyalo kino kwabeerangako abalimi nga be ba Wambaata, Wankoko ne Wajjuba. Kwabeerangako Wandegeya ne Wankwenge abaakeeranga ku makya okunoonya awali emmere eyengedde. Lumu Wajjuba enjala yamuluma nnyo amagezi ne gamwesiba. Yabuulira banne be yabeeranga nabo nti, "Enjala egenda kututta. Lwaki tetukyalako eri bawankwenge gye ndaba bava nga basanyufu? Bo balabika enjala tebaluma." Wambaata n'agamba nti, "Lwaki naffe tetwerimira mmere yaffe ne tugitereka okwerinda enjala?" Wankoko ye n'addamu nti, "Ekyo kirungi nnyo, tutandike okwerimira emmere yaffe." Wajjuba kye yava agamba nti, "Amaanyi agatambula ngalina, nja kugoberera bawankwenge ndabe gye baggya emmere. Bwe nnaalabayo, nja kugibaleetera." Olwo Wajjuba n'abuuka n'agenda.

Story Outline

Abali mu lugero

Wambaata, Wankoko, Wajjuba, Wankwenge ne Wandegeya

Ekifo

Ku kyalo Bbira

Ebikolebwa

Enjala egwa ku kyalo. Wankoko ne Wambaata batandika okulima, bakungula ne batereka mu byagi. Wajjuba, Wankwenge ne Wandegeya balya emmere ya Wankoko ne Wambaata yonna.

Oral Literature

Ekibuuzo eky'okwefumiitiriza: Olowooza kiki ekyaddirira nga Wajjuba abuuse?

Ekitundu 2

Wankoko ne Wambaata baateesa ne bakkiriziganya okutandika okulima. Baakeeranga nawankya ne balima. Wankoko yakabalanga nga Wambaata asiga. Baasiga ebinyeebwa ne kawo. Ebirime byabwe byamera bulungi. Wajjuba yakomangawo lwaggulo ddala. Olw'okubeera omukkufu, yajjanga ayimba, "Kuuku- kulukuku, kuuku- kulukuku, kuuku- kulukulu," ng'atambulira mu mmere gye baanise.

Ate banne olunaku lwonna baalumalanga bakungula omuwemba ogwasooka okulimibwa. Munnange ebinyeebwa ne kawo nabyo tebyalwa nga bikula. Baatandika okubikungula ate ebirala ne babyanika mu luggya ne bikala olwo ne babitereka mu byagi.

Wajjuba yabuulira ba Wankwenge ne Wandegeya nti, "Emmere ya Wankoko ne Wambaata yabala n'ekunakkuna, kati bagikungula. Mujje tugende tugirye."

Baagenda ne balya emmere yonna.

Vocabulary Words	
enjala	ebyagi okwerinda
In the Text Questions	In My Mind questions
1. Enjala yagwa ku kyalo ki?	1. Ggwe wandikoze ki Wandegeya ne Wankwenge?
2. Ani yagenda ewa ba Wankwenge ne Wandegeya? Yagenda atya?	2. Olowooza ba Wankoko baakola batya ng'emmere yaabwe eriiriddwa?

END-OF-TERM ASSESSMENT TERM 2

Introduction

Below are end-of-term assessments you should administer during the final weeks of the term. Writing and listening assessments can be administered to the whole class. Reading and speaking assessments need to be administered to learners individually. Begin these assessments by Week 10. Assign a level to the learner's performance using the following system:

Level 3 (L3): The learner's performance exceeds the competence expected. Symbol: Δ

Level 2 (L2): The learner's performance meets the competence. Symbol: \wedge

Level 1 (L1): The learner's performance does not meet the competence. Symbol: /

Reading Assessments (administered individually)

Fluency and Vocabulary Assessment:

Write 5 decodable words from the term on flashcards. Show the cards to the learner one at a time. Ask the learner to read the word. Then ask the learner to use the word in a sentence.

L3: Reads all 5 words correctly. **L3:** Uses all 5 words correctly in complete sentences.

L2: Reads 3-4 words correctly. **L2:** Uses 3-4 words correctly in mostly complete sentences.

L1: Reads 2 or less words correctly. **L1:** 2 or less words correct. Cannot form full sentences.

Phonics Assessment:

Write selected letters from the term on a sheet of paper. Point to a letter. Ask the learner to say the name of the letter and the sound the letter makes. Do this for 5 different letters.

L3: Successfully completes the task for all 5 letters.

L2: Successfully completes the task for 3-4 letters.

L1: Completes the task for 2 or less letters.

Listening Assessment (administered as a group)

Listening Comprehension Assessment:

Compose a story to tell to the class or find a story to read. Create 3 comprehension questions about the story. Tell/read the story to the class and then ask the questions one at a time. Have learners draw or write their answers on a piece of paper. Collect and assess.

L3: Answers all 3 questions correctly.

L2: Answers 1-2 questions correctly.

L1: Does not answer any questions correctly.

Writing Assessments (administered as a group)

Handwriting Assessment:

Write 6 letters taught during the term on the chalkboard (3 uppercase and 3 lowercase). Ask learners to copy them using their best handwriting in their exercise books.

L3: Formation of the letters is excellent. All 6 letters formed correctly.

L2: Formation of the letters is good. 3-5 letters formed correctly.

L1: Formation of the letters is poor. 2 or less letters formed correctly.

Spelling Assessment:

Select 5 letters, syllables or words for a spelling test. Dictate the letters, syllables or words one at a time and have learners write them in their exercise books. Collect and assess.

L3: Spells all 5 correctly.

L2: Spells 3-4 correctly.

L1: Spells 2 or less correctly.

Creative Writing and Name Writing Assessments:

Tell learners to write a story about how food is prepared and eaten in their family. Explain that they can use pictures and words to tell their story. Make sure learners write their name. Collect and assess.

L3: Writes a meaningful, well organised story using pictures and words.

L2: Writes a meaningful, well organised story using pictures only.

L1: The story is poorly organised and difficult to understand the meaning.

L3: Writes both names with correct spelling and letter formation.

L2: Writes at least one name with correct spelling and letter formation.

L1: Cannot write name using correct spelling and letter formation.

Speaking Assessment (administered individually)

Public Speaking Assessment:

By the end of Week 10 you should have observed and assessed all of your learners' speaking competences during the News lesson. During Weeks 11 and 12, select learners to assess who have not yet told a News story to the class or who have not yet attained the speaking competence.


L3: Tells a meaningful, engaging story with excellent confidence and animated expression.

L2: Tells a meaningful story to the class with confidence.

L1: Tells a story that lacks meaning or displays a lack of confidence when speaking to the class.

Weekly Lesson Support

Term 3 Lessons




9 Entambula

Literacy 1 and 2

Day 1

R r



eri eryato erimu

Loole eri ku luguudo.
Eryato liri ku nnyanja.
Ennyonyi erimu obantu.

R R R R R

Okwama 3 Wisi 1 Okwando 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

R r

a	e	i	o
ra	re	ri	ro
ma	me	mi	mo
sa	se	si	so

Thematic Question: Ntambula ki gye tukozesa mu kitundu kyaffe?

Beat the Words

e-ri

e-rya-to

e-ri-mu

Literacy 2

Letter Formation Phrase

R = Kkiriza akasittale, weta ekibuto, saza akasittale.


r = Kkiriza akasittale, yambuka, weta ku ddyo.

Spelling Practice

r, ra, re, ri, ro, era, eri, erima, ssere

Day 2

Okulambula



Leero lunaku lwa kulambula. Abayizi bagendera mu bbaasi. Lule ne Nagawa beesunga okugenda okulambula. Ekiro bagolola engoye zaabwe.

r r r r r

Okwama 3 Wisi 1 Okwando 2

Literacy 1

In the Text Question: Abayizi bagendera mu ki okulambula?

In My Mind Question: Ntambula yangeri ki endala gy'omanyi?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Term 3 Week 1

9.1 Ebika by'entambula

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart

R	r	aa	ee	ii	oo
		raa	ree	rii	roo
		maa	mee	mii	moo
		saa	see	sii	soo

Thematic Question: Bidduka ki bye tukozesa mu kitundu kyaffe?


Beat the Words

e-bi-se-ro

e-mme-re

nni-mi-ro

R r



ebisero emmere nnimiro

Endogoyi yetisse ebisero.
Ebisero birimu emmere.
Endogoyi ejja emmere mu nnimiro.

R R R R

Classroom 3 WEEK 1 Classroom 3

Literacy 2

Letter Formation Phrase

R = Kkiriza akasittale, weta ekibuto, saza akasittale.

r = Kkiriza akasittale, yambuka, weta ku ddyo.

Spelling Practice

raa, ree, rii, roo, eriiso, ereeta, ereese, eroota

Literacy 1

In the Text Question: Lule ne Nagwa baatuula ludda wa?


In My Mind Question: Bika ki eby'entambula ebikozesebwa mu kitundu kyammwe?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Day 4

Okulambula



Lule ne Nagawa bakeera nnyo ku ssomero. Basanga bbaasi etuuse. Abayizi bonna bayingira bbaasi. Lule ne Nagawa batuula kumpi ne ddereeva.

r r r r r

Classroom 3 WEEK 3 Classroom 4

Literacy 1 and 2

Day 5

Literacy 1

New Letters & Review Chart

R	r	a	e	i	o
		ra	re	ri	ro
		ma	me	mi	mo
		sa	se	si	so

Beat the Words

e-ri
e-bi-se-ro

e-rya-to
e-mme-re

e-ri-mu
nni-mi-ro

Sentence Assessment

1. Loole eri ku luguudo.
2. Ebisero birimu emmere.
3. Eryato liri ku nnyanja.

Literacy 2

Letter Formation Assessment

R, r

Spelling Assessment

ra, re, ri, ro, raa, ree, rii, roo, era, eri, erima, ssere, eriiso, ereeta

News

Draw your story picture prior to class. Use this picture to help you tell your news story to the class. It is important that you model telling your news story to the class just as you expect your pupils to do when they come to the front of the class.

Model News Drawing

A school bus traveling in a town setting with all the different modes of transport surrounding it.

Model News Story

When I was in Primary One, we went for a trip to the city. On our way, we saw a boat on the river. When we reached the city, everyone was very excited to see the different types of cars, motorcycles and buses. There were many people walking on the streets and roads in the city. There was also a big shop selling many new bicycles.

References

NPSCU Teacher's Guide

- Competencies, page 85
- Sample scheme of work, pages 333-334
- Lesson Plan Guidelines, pages 337-338

NPSCU Curriculum

- Pages 43-45

Traditional Text

Oluyimba

Amazzi g'ennyanja mayengo,
Gadduka n'omwalo ne geeyiwa.
Bwe ngakuba bwenti owulira otya?
Gadduka n'omwalo ne geeyiwa.
Twagakuba jjuuzi n'olulenzi,
Gadduka n'omwalo ne geeyiwa...

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

Oral Literature

Akwata empola atuuka wala

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza olugero luno n'oluvannyuma ombuulire ekyaaleetera Nnawolovu okuwangula emisinde.

Ekitundu 1

Edda ennyo ku kyalo Migadde kwabeerangako aboomuliraano babiri: Wanjovu ne Nnawolovu. Wanjovu yali muwagguufu ate nga mwangu naye ng'alina akakira katono nnyo. Nnawolovu ye yali mutono nnyo naye nga walulembe mu byonna by'akola. Baliraanwa bano baateranga okukolera awamu emirimu era nga bazannyira wamu. Olwali olwo, Nnawolovu n'aleeta ekiteeso ekizibu ennyo. Yateesa nti bategeke empaka z'emisinde bayite mu byalo bitaano bamalire mu kibuga Kaabulengwa. Emisinde gyali gya kuyita mu mutala Kakerenge, Ttikkalu, Ssaayi, Kitanda ne Mwereerwe. Wanjovu ekiteeso kino yasooka kukigaana anti ng'anyooma munywanyi we Nnawolovu. Wanjovu yamubuuza nti, "Nnawolovu by'oyogera obitegeera oba oloota?" Ko Nnawolovu nti, "Ssebo, bye njogera mbitegeera.

Manyi nti nsobola okukusooka ku kibuga." Wanjovu yamuddamu n'amalala nti, "Nze wenkuba oluta olumu, ggwe otambulirawo omwaka mulamba!" Nnawolovu yamuddamu nti, "Ekyo kituufu naye ku luno nja kukuwangula." Olw'okutya okuswala, Wanjovu yamala n'akkiriza empaka zibeerewo enkeera era ng'amanyi nti yajja okuziwangula.

Story Outline

Abali mu lugero

Wanjovu ne Nnawolovu

Ekifo

Mu ttale

Ebikolebwa

Baliraanwa bategeka empaka z'emisinde. Wanjovu omunene yeewaana ng'alowooza nti anaaziwangula. Nnawolovu omutono awangula empaka. Wanjovu aswala nnyo.

Oral Literature

Ekibuuzo eky'okwefumiitiriza: Olowooza kiki ekyaddirira oluvannyuma lwa Wanjovu okukkiriza okwetaba mu misinde?

Ekitundu 2

Ku lunaku lw'empaka obudde bwali bulungi ng'eggulu lyetadde aboomukwano ne batuuka we basimbulira empaka zaabwe. Wanjovu ye yasooka okutuuka mu kifo ekyo. Waayita akabanga Nnawolovu naye bambi n'atuuka ng'asooba anti walulembe. Wanjovu bwe yamulaba, yajula okufa enseko anti ng'alaba munne yenna alendera. Kino kyayongerera okumukakasa nti emisinde yali agenda kugiwangula. Emisinde tegyalwa ne gitandika. Baliraanwa badduka naye nga Wanjovu yeefuumuula nnyo. Bwe yamalako omutala ogusooka n'atunulako emabega alabe oba Nnawolovu anaamulaba naye nga buteerere. Yeeyongerayo okutuuka ku mutala ogw'okuna era nga talengera ku munywanyi we. Bwe yatuuka ku mutala ogusembayo n'agwa eri ne yeewummulira anti nga talabayo amugoba kyokka nga Nnawolovu amwerippyeko ku kakira. Nnawolovu yasooka mpola n'atuuka we baali balagaanye okukomya emisinde. Wanjovu teyasobola kumulaba anti yali agulumidde nnyo.

Nnawolovu bwe yatuuka n'akuba enduulu nti, "Wuuluulu!! Wanjovu bukya weewaana leero nkusoose!! Okyalina ky'oyogera? Lengera!" Wanjovu yali takyalina kya kwogera anti ng'ajula okufa ensanyi okulaba nga Nnawolovu amusinze. Nange awo we nnalabira.


Vocabulary Words	
muwagguufu	munywanyi
	amwerippyeko
In the Text Questions	In My Mind questions
1. Baani aboogeddwako mu lugero?	1. Olowooza lwaki Wanjovu teyasobola kuwulira Nnawolovu?
2. Nnawolovu yatuuka atya ku kibuga?	2. Ssinga ggwe wali Wanjovu, Nnawolovu wandimukoze ki?

9 Entambula

Literacy 1 and 2

Day 1

J j



jajja Jinja jambula

Lule aweese jajja ku ggaali.
Jajja agenda Jinja.
E Jinja waliyo jambula.

J J J J J J J J

Okuma 3 Wisi 2 Okundu 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

J j

a	o	e	u
ja	jo	je	ju
nga	ngo	nge	ngu
ka	ko	ke	ku

Thematic Question: Ntambula ki gye tukozesa mu kitundu kyaffe?

Beat the Words

ja-jja

Ji-nja

ja-mbu-la

Literacy 2

Letter Formation Phrase

J = Kkiriza akasittale okawetere ku kkono.


j = Kkiriza akasittale okawetere ku kkono, tonnyeza akatonnyeze waggulu.

Spelling Practice

J, ja, jo, je, ju, jangu, kaamuje, juuni

Day 2

Entambula



Lule ne Nagawa bava wa jajja. Lule ne Nagawa bali mu luguudo botambula. Lule agenda ku ssomero. Nagawa naye agenda ku ssomero. Obudde bubayiseeko.

J J J J J J J J

Okuma 3 Wisi 2 Okundu 2

Literacy 1

In the Text Question: Lule ne Nagawa bali ludda wa?

In My Mind Question: Ssinga obudde bukuyitako ng'ogenda ku ssomero, okola ki?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Term 3 Week 2

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart

Jj	jj	a	o	e	ii
		jja	jjo	jje	jji
		ja	jo	je	jii
		ka	ko	ke	kii


Thematic Question: Entambula etuyamba etya?

Beat the Words

ko-jja

a-jji-ra

a-jja



Literacy 2

Letter Formation Phrase

J = Kkiriza akasittale okawetere ku kkono.

j = Kkiriza akasittale okawetere ku kkono, tonnyeza akatonnyeze waggulu.

Spelling Practice

jja, jjo, jje, jji, ajja, jjiiko, kikajjo, jajja

Literacy 1


In the Text Question: Ani yayimiriza emmotoka?

In My Mind Question: Olowooza ntambula ki esinga obwangu?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Day 4



Literacy 1 and 2

Day 5

Literacy 1

New Letters & Review Chart

		a	o	e	ii
J	j	ja	jo	je	jii
Jj	jj	jja	jjo	jje	jii
		ka	ko	ke	kii

Beat the Words

ja-jja
ko-jja

Ji-nja
a-jji-ra

ja-mbu-la
a-jja

Sentence Assessment

1. Kojja ajja.
2. Jajja agenda Jinja.
3. Kojja ajja kujja ne jajja.

Literacy 2

Letter Formation Assessment

J, j, jj

Spelling Assessment

ja, jo, je, ju, jja, jjo, jje, jjii, jangu, kaamuje, juuni, ajja, jjiiko, jajja, kikajjo

News

Draw your story picture prior to class. Use this picture to help you tell your news story to the class. It is important that you model telling your news story to the class just as you expect your pupils to do when they come to the front of the class.

Model News Drawing
Drawing of a bus with people above and cargo below.

Model News Story

During the school holiday I took the bus. I prefer the bus to a taxi because you sit up high and have a good view. You also don't feel the bumps in the road as much. Along with passengers, the bus also takes many goods for people in its big cargo section.

References
NPSCU Teacher's Guide <ul style="list-style-type: none">• Competencies, page 85• Sample scheme of work, pages 334-335• Lesson Plan Guidelines, pages 345-350
NPSCU Curriculum <ul style="list-style-type: none">• Page 45

Traditional Text

Ekikokyo

Kkoyi kkoyi... Iya.

Nina mukazi wange munene nnyo, atambulira ku nnyanja naye tagwamu:

Ekiddibwamu:

Emmeeri.

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

Oral Literature

Okulambula

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza olufumo luno n'obwegendereza n'oluvannyuma ombuulire ebika by'entambula ebyogeddwako mu lufumo.

Ekitundu 1

Edda ennyo ku kyalo Kiswa kwaliko essomero nga lya bibiina musanvu. Essomero lino lyali kumpi n'oluguudo lw'eggaali y'omukka era kino kyayamba nga nnyo abasomesa wamu n'abayizi kubanga entambula yabanguyiranga naddala bwe baabeeranga mu bwangu. Essomero lino lye limu ku masomero agaatambuzanga abayizi okugenda okwetaba mu mizannyo mu bitundu ebyesudde. Lumu abayizi baali bagenda mu kibuga Jjinja okulambula, omusomesa waabwe n'akolagana n'omugoba w'eggaali y'omukka okukeera okubatwala.

Wano omugoba w'eggaali y'omukka kye yava abuuza omusomesa nti, "Otwala abaana bameka?" Omusomesa yaddamu nti, "Ntwala abaana kikumi naye osimbula essaawa mmeka?"

Omugoba yamuddamu nti, "Nsimbula essaawa emu eyo ku makya." Omusomesa yamubuuzo nti, "Oyagala ntuuke ku ssaawa mmeka?"

Omugoba yamuddamu nti, "Essaawa kkumi na bbiri ezo ku makya." We baayawukanira nga bakkiriziganyizza nti olugendo bajja kulutandika essaawa emu eyo ku makya.

Story Outline

Ekinyusi

Abayizi bagenda okulambula

Ensonga ewagira 1:

Omusomesa alaba omugoba w'eggaali y'omukka okutwala abayizi okulambula.

Ensonga ewagira 2:

Bafuna obuzibu mu kkubo naye oluvannyuma beeyongerayo.

Oral Literature

Ekitundu 2

“Z’olaga omulungi tezirwa kutuuka,” ne ku luno bwe kyali.

Abaana enkoko baagikwata mumwa era zaagenda okuwera essaawa endagaanye nga baatuuse dda ku sitenseni. Abayizi bonna baagenda basanyufu nga buli omu yeesunga olugendo lwe baali bagendako. Mu kkubo baagenda bayimba obuyimba obuwaana omugoba wamma naye eggaali n'agiwa omuliro. Baba bali mu makkati g’olugendo ne basanga omuti omunene nga gugudde mu luguudo lw’eggaali wakati. Wano omugoba yagiyimiriza era abayizi bonna ne balabika ng’essanyu n’essuubi libaweddeko.

Abaganda baabiraba nti, “Akufumbira ey’omutwe, omufumbira ya bigere,” ne ku luno omugoba yajjukira mangu nnyo nti okumpi awo waaliwo ekimotoka ki kaweetiye ekyali kiyinza okusikawo omuti mu kkubo. Amangu ago omugoba yalagira abantu bonna abaali mu ggaali y’omukka okwesiba enkoba era ye n’afuluma. Mu kaseera mpaawo we kaaga, omugoba yadda ne kaweetiye era omuti ne bagusikawo mu kkubo. Abaana beeyongerayo ku lugendo lwabwe era okutemya n’okuzibula nga batuuse e Jinja ate mu budde. Abayizi n’abasomesa baalaga essanyu nga batuuka era bonna ne beebaza omugoba eyabasobozesa okutuuka gye baali balaga.


Vocabulary Words	
omugoba	kaweetiye
	okukwata enkoko omumwa
In the Text Questions	In My Mind questions
1. Abayizi baakozesa ntambula ki nga bagenda okulambula?	1. Ssinga omuti gugwa mu kkubo lyammwe okola ki?
2. Mmotoka ki eyajjawo omuti mu kkubo?	2. Wa ebika by’entambula ebirala by’omanyi.

9 Entambula

Literacy 1 and 2

Day 1

ŋ ŋ



ŋŋaali eŋŋombe ŋŋenda

Ŋŋaali abuka.
Ŋŋaali awulira eŋŋombe.
Ŋŋenda nkuba eŋŋombe.

ŋ ŋ ŋ ŋ ŋ ŋ ŋ

Classroom 3 WSE 3 Classdu 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

ŋ ŋ

a	aa	e	o
ŋa	ŋaa	ŋe	ŋo
ŋŋa	ŋŋaa	ŋŋe	ŋŋo
la	laa	le	lo

Thematic Question: Ntambula ki gye tukozesa mu kitundu kyaffe?

Beat the Words

ŋŋaa-li

e-ŋŋo-mbe

ŋŋe-nda

Literacy 2

Letter Formation Phrase

Ŋ = Kkiriza akasittale, yambuka, weta, kkirira.


ŋ = Kkiriza akasittale, yambuka, weta, kkirira.

Spelling Practice

ŋa, ŋaa, ŋŋaa, ŋŋo, ŋŋaali, eŋŋaana, eŋŋo, eŋŋoma

Day 2

Akabenje



Lule alina sente za Nagawa. Nagawa amugamba nti zimpe. Lule awa Nagawa sente ze. Lule agenda mu ŋŋendo ze. Lule agenda mu mmotoka.

ŋ ŋ ŋ ŋ ŋ ŋ ŋ

Classroom 3 WSE 3 Classdu 2

Literacy 1

In the Text Question: Ani alina sente za Nagawa?

In My Mind Question: Olowooza sente zitugasa zitya?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Term 3 Week 3

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart

Z	z	o	i	e	a
		zo	zi	ze	za
		no	ni	ne	na

Thematic Question: Ssente zituyamba zitya mu ntambula?

Beat the Words

zo-nna

ze

zi-no

Z z



zonna ze zino

Zino zonna ssente za Lule.
Lule ateeke ssente ze mu nsawo.
Ssente zino za ntambula.

Z Z Z Z Z Z Z

Classroom 3 WISU 3 Classroom 3

Literacy 2

Letter Formation Phrase

Z = Saza, kkirira, saza.

z = Saza, kkirira, saza.

Spelling Practice

z, zo, zi, ze, za, zonna, zize, zaani, zange

Literacy 1

In the Text Question: An iyeekanga enkoko?


In My Mind Question: Olowooza obubenje bwo ku makubo buva ku ki?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Day 4

Akabenje



Lule ali mu mmotoka agenda Namurjoona. Omugoba yeeekanga enkoko. Emmotoka efuna akabenje. Lule alumizibwa. Lule bamutwala mu ddwaliro.

Z Z Z Z Z Z Z

Classroom 3 WISU 3 Classroom 4

9 Entambula

Literacy 1 and 2

Day 5

Literacy 1

New Letters & Review Chart

		a	aa	e	o
D	η	ηa	ηaa	ηe	ηo
Z	z	za	zaa	ze	zo
		na	naa	ne	no

Beat the Words

ηηaa-li

e-ηηo-mbe

ηηe-nda

zo-nna

ze

zi-no

Sentence Assessment

1. Denda nkuba eηηombe.
2. Dηaali awulira eηηombe.
3. Zino zonna ssente za Lule.

Literacy 2

Letter Formation Assessment

D, η, Z, z

Spelling Assessment

ηa, ηaa, ηηaa, zo, zi, ze, za, ηηaali, eηηo, eηηoma, zonna, zize, zaani, zange

9.3 Ebipimo ebikwatagana ku ntambula

News

Draw your story picture prior to class. Use this picture to help you tell your news story to the class. It is important that you model telling your news story to the class just as you expect your pupils to do when they come to the front of the class.

Model News Drawing
Drawing of people in a taxi giving money to the conductor.

Model News Story

We have to use our math skills when we take the taxi. Why? When you give your fare to the conductor you have to make sure you get the correct change in return. This is how I make sure I always get the right change.

References
NPSCU Teacher's Guide <ul style="list-style-type: none">• Competencies, page 85• Sample scheme of work, page 336• Lesson Plan Guidelines, pages 351-357
NPSCU Curriculum <ul style="list-style-type: none">• Page 46

Traditional Text

Olugero olusonge

“Ataalukutambulire, akusibira ya menu.”

Amakulu g'olugero:

Ebiseera ebisinga omuntu atagenda kukola mulimu tafaayo kumanya bizibu bigulimu.

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

Oral Literature

Abasaabaze

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza embooji eno n'oluvannyuma ombuulire ekyatuuka ku mmotoka.

Ekitundu 1

Edda ennyo abantu bo mu lukoola lw'e Dnjoma baakozesanga ebika by'entambula bingi okubatuusa gye baabanga balaga. Mu bika by'entambula bye baalina mwe mwali pikipiki, eggaali n'emmotoka entonotono ezaasaabazanga abantu ze bayita takisi. Abalala baatamburiranga ku mazzi. Entambula eyali esinga obwangu, yali ya mmotoka. Wavvuuumira ye yali omugoba wa takisi. Wanseenene nga ye kondakita. Wakkovu, Waggongolo, Wajjanzi ne Wakamunye nga be basaabaze. Abaana abaali mu mmotoka ye Wamunyeera ne Wakikennembi. Olunaku lumu Wavvuuumira yali atwala abasaabaze kkumi na bana e Kalagala. Ekyalo kino kiri wala nnyo era mu kkubo baamalamu essaawa mukaaga mulamba. Wavvuuumira yatikka bulungi emmotoka ye n'atwala abasaabaze. Baagenda bulungi kubanga Wavvuuumira yali avuga n'obwegendereza. Bwe baatuuka mu makkati g'olugendo, baagenda okulaba nga Wavvuuumira aggwaamu amaanyi era ng'alinga ayagala okwebaka.

Story Outline

Abali mu lugero

Wavvuuumira, Wakkovu, Waggongolo, Wanseenene, Wajjanzi, Wakikennembi, Wamunyeera

Ekifo

Mu kibira wakati

Ebikolebwa

Wavvuuumira yali mugoba wa mmotoka. Yakwatibwa obulwadde nga tasobola kuvuga n'ayita mukwano gwe Wakiwojjolo n'ajja n'amuyamba n'atwala abasaabaze.

Oral Literature

Ekibuuzo eky'okwefumiitiriza: Olowooza kiki ekyaddirira nga Wavvuuvuumira aweddemu amaanyi?

Ekitundu 2

Amangu ago Wavvuuvuumira yasiba emmotoka kyokka nga bali mu kibira wakati ate ng'obudde buli kumpi okuziba. Abasaabaze baabuza Wavvuuvuumira ky'abadde. Yabagamba nti, "Ekimbe kinsimbye mu lubuto, amaanyi gampeddemu era sisobola kuvuga mmotoka."

Abasaabaze baanakuwala nnyo ne batandika okusala amagezi okulaba ekidirira. Baabuza Wanseenene eyali kondakita oba asobola okuvuga emmotoka. Yali tasobola nabo bennyini abasaabaze nga tekuli n'omu asobola kuvuga mmotoka. Amagezi gaabeesiba kubanga Wavvuuvuumira yali awulira bubu. Ekyakabi obudde bwali buziba nga beraliikirira nti ensolo zo mu nsiko zijja kubalya. Emmotoka za takisi endala ezaabayitangako zaali zijjudde, emmotoka endala nga zitwala byamaguzi. Abaana abato Wakikennembi ne Wamunyeera baatandika okukaaba. Wavvuuvuumira yakubira mukwano gwe Wakiwojjolo essimu ajje abayambe. Baali balyawo nga Wakiwojjolo atuuse era abasaabaze baasanyuka nnyo. Wakiwojjolo yavuga bulungi takisi buli omu n'amutwala we yali alaga ne Wavvuuvuumira n'amutwala mu ddwaliro.


Vocabulary Words	
lukoola	kondakita ebyamaguzi
In the Text Questions	In My Mind questions
1. Olugero luno lukwata ku ki?	1. Abasaabaze bandikoze ki ssinga Wakiwojjolo teyajja?
2. Ani yali avuga emmotoka eno?	2. Olowooza kiki ekyaddirira ku Wavvuuvuumira mu ddwaliro?

10 Ebintu bye tukola

Literacy 1 and 2

Day 1

Nt nt



entebe entamu entobo

Awaka waliwo entebe.
Taata abumba entamu.
Ekibbo kirimu entobo.

N N N N

Oluoma 3 Wisi 4 Okundi 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

Nt nt

e	o	a	u
n-te	n-to	n-ta	n-tu
be	bo	ba	bu
me	mo	ma	mu

Thematic Question: Lwaki tukola ebyemikono?

Beat the Words

e-nto-bo

e-nta-mu

e-nte-be

Literacy 2

Letter Formation Phrase

N = Yambuka, kkirira, yambuka.


t = Kkiriza akasittale akatereevu, sazaamu akasaze.

Spelling Practice

nt, nte, nto, nta, ntu, entebbe, entamu, entobo, muntu

Day 2

Omuguwa



Nagawa ali ku ssomero ne banne. Abaana babuuka omuguwa. Omuguwa gwe babuuka gukutuka. Abaana basigala mu maku.

nt nt nt nt nt

Oluoma 3 Wisi 4 Okundi 2

Literacy 1

In the Text Question: Abaana bakola ki?

In My Mind Question: Abaana bazannya mizannyo ki ku ssomero?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

10.1 Ebintu bye tukola eka ne ku ssomero

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart

Nd	nd	e	o	a	u
		nde	ndo	nda	ndu
		nte	nto	nta	ntu
		ge	go	ga	gu

Thematic Question: Bintu ki bye tukola awaka ne ku ssomero?


Beat the Words

lu-mo-nde

e-nda-ga-la

e-nda-ggu

Nd nd



lumonde endagala endaggu

Lumonde ali mu kibbo.
Endagala ziri mu kibbo.
Endaggu ziri mu kibbo.

Nd Nd Nd Nd

Classroom 3 Week 4 Classroom 3

Literacy 2

Letter Formation Phrase

N = Yambuka, kkirira, yambuka.

d = Zinga akapiira, teekako akasittale akatereevu.

Spelling Practice

nd, nde, nda, ndu, endu, genda, endagala, ndege

Literacy 1

In the Text Question: Ani yayunga omuguwa?


In My Mind Question: Banno bwe bafuna obuzibu, obayamba otya?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Day 4

Omuguwa



Lule alaba omuguwa nga gukutuse. Lule ayunga omuguwa. Nagawa ne banne baddamu okuzannya. Abaana bonna basanyuka.

nd nd nd nd nd

Classroom 3 Week 4 Classroom 4

10 Ebintu bye tukola

Literacy 1 and 2

Day 5

Literacy 1

New Letters & Review Chart

		e	o	a	u
Nt	nt	n-te	n-to	n-ta	n-tu
Nd	nd	n-de	n-do	n-da	n-du
		me	mo	ma	mu

Beat the Words

e-nto-bo
lu-mo-nde

e-nta-mu
e-nda-ga-la

e-nte-be
e-nda-ggu

Sentence Assessment

1. Ekibbo kirimu entobo.
2. Lumonde ali mu kibbo.
3. Endagala ziri mu kibbo.

Literacy 2

Letter Formation Assessment

Nt, nt, Nd, nd

Spelling Assessment

n-te, n-to, n-ta, n-tu, n-de, n-do, n-da, n-du, ente-be, entamu, ntobo, muntu, endu, genda, endagala, ndege

10.1 Ebintu bye tukola eka ne ku ssomero

News

Draw your story picture prior to class. Use this picture to help you tell your news story to the class. It is important that you model telling your news story to the class just as you expect your pupils to do when they come to the front of the class.

Model News Drawing
Drawing of the steps in making a mat.

Model News Story

When I was a child, both my mother and grandmother made mats. I liked to watch them as they worked. Making mats took several steps. Here are the steps to making a mat...

References
NPSCU Teacher's Guide <ul style="list-style-type: none">• Competencies, page 86• Sample scheme of work, page 358• Lesson Plan Guidelines, pages 361-367
NPSCU Curriculum <ul style="list-style-type: none">• Page 48

Traditional Text

Olugero olusonge

"Bazibumbira kwatika ne ziramira mu kyokero."

Amakulu: Lutuyigiriza okuba n'essubi era n'okwekkiririzaamu mu byonna bye tukola.

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

10 Ebintu bye tukola

Oral Literature

Enkolagana

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza olufumo luno n'oluvannyuma ombuulire ekyabaviirako obutategeeragana.

Ekitundu 1

Awo olwatuuka nga wabaawo aboomukwano babiri; omubazzi n'omulimi. Aboomukwano bano baabeeranga ku kyalo Ntende era buli omu ng'akola musanyufu. Kino kyali bwe kityo kubanga baayambagananga mu nsonga zonna ez'emirimu gyabwe n'ez'amaka gaabwe. Bwe zaabanga nsonga za bya nsimbi era baayambagananga. Kino tekyabakaluubiriranga kubanga buli omu yali alina w'akolera emirimu gye era nga batunda ebintu byabwe mu butale obw'enjawulo ne bafuna ensimbi. Kino kyabayamba okusobola okuweerera abaana baabwe mu masomero amalungi. Baakolagananga bulungi era buli omu ku bo yasobolanga okutwala abaana baabwe bonna ku ssomero ate omulala n'abanonayo. Olumu omubazzi yatema omuvule mu kibanja ky'omulimi nga tamukkirizza.

Bannange Abaganda baabiraba nti, "Katula keebisse buka."

Omulimi omukwano yagwerabira n'anyiigira nnyo omubazzi. Baayomba nnyo era okukkakkana nga balinga abatabangako baamukwano. Ab'obuyinza baabawozesa wakati mu kwogera ebisongovu.

Story Outline

Ekinyusi

Omukwano ogwa nnamaddala.

Ensonga ewagira 1:

Aboomukwano baakoleranga wamu buli kintu.

Ensonga ewagira 2:

Baafuna obutakkaanya naye era enkolagana n'eddawo oluvannyuma.

Term 3 Week 4

Oral Literature

Ekitundu 2

Ab'obuyinza baakola kinene nnyo okubakkakanya era gye byaggweera ng'omubazzi bampusasuzza omuti gw'omulimi kuno yagattako n'okwetonda. Ab'akakiiko baamusonyiwa ne nnannyini muti n'amusonyiwa. Beegwa mu bifuba era ne bakkiriziganya nti n'enkolagana yaabwe teyali ya kukoma awo olw'ensonga eno. Baali baakusisinkana mikwano gyabwe gyonna babategeeze ensonga eno nga bwe yali etambudde. Baabasisinkana era ekyaddirira, kukolagana nga bwe baali ng'ebizibu tebinnagwawo. Abo mu maka gaabwe nabo baddamu okukolagana.


Vocabulary Words	
katula keebisse buka	ensimbi ebisongovu
In the Text Questions	In My Mind questions
1. Baani abaali aboomukwano?	1. Kiki ky'osubira okubaawo gye bujja mu baana b'aboomukwano abo?
2. Kiki ekyali kigenda okutta omukwano gw'abantu bano?	2. Olowoza kiki ekyafuula abantu abo okuba aboomukwano?

10 Ebintu bye tukola

Literacy 1 and 2

Day 1

V v



avuba muvubi omuvubuka

Omuvubi avuba ekyennyanja.
Ekyennyanja kya muvubi.
Omuvubuka avumbika ekyennyanja.

V V V V V

Okwama 3 Wisi 5 Okundi 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

V v

a	e	u	i
va	ve	vu	vi
ba	be	bu	bi
ka	ke	ku	ki

Thematic Question: Lwaki tukola ebyemikono?

Beat the Words

a-vu-ba

mu-vu-bi

o-mu-vu-bu-ka

Literacy 2

Letter Formation Phrase


V = Kkiriza akasittale ng'odda ku ddyo, yambusa akasittale ng'odda ku ddyo.

Spelling Practice

v, va, ve, vu, vi, vuba, avuba, kivu, ava

Day 2

Ebyemikono



Abaana bali mu kibiina. Abaana bakola ebyemikono. Abamu baluka bibbo, abalala baluka miguwa. Ebintu bye bakozesa biggwaawo.

V V V V V

Okwama 3 Wisi 5 Okundi 2

Literacy 1

In the Text Question: Abaana bakola ki mu kibiina?

In My Mind Question: Ggwe okola byamikono ki ku ssomero?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Term 3 Week 5

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart

Vv	vv	a	e	u	i
		wa	ve	wu	vi
		ba	be	bu	bi
		ka	ke	ku	ki

Thematic Question: Ebintu bye tukozesa ebyemikono tubijja wa?


Beat the Words

wa

e-vu


ki-we

Vv vv



vva evvu kivve

Vva ku vvu.
Evvu liva mu kyoto.
Okwesiga evvu kivve.



Classroom 3 Week 5, Classdu 3

Literacy 2

Letter Formation Phrase

v = Kkiriza akasittale ng'odda ku ddyo, yambusa akasittale ng'odda ku ddyo.

Spelling Practice

vv, vva, ve, wvu, vi, evvu, kivve, wa, bivve

Literacy 1

In the Text Question: Abalenzi baagenda ludda wa?


In My Mind Question: Ebintu ebikozesebwa okukola ebyemikono mubijja ludda wa?

Literacy 2


Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Day 4

Ebyemikono



Omusomesa abatuma ebyokozesa ebirala. Abalenzi bagenda mu lutobazi. Abamu baleeta ebitooogo, abalala bbumba. Abawala bagenda mu lusuku. Abamu baleeta ebyayi, abalala bukeedo.



Classroom 3 Week 5, Classdu 4

10 Ebintu bye tukola

Literacy 1 and 2

Day 5

Literacy 1

New Letters & Review Chart

V	v	a	e	u	i
Vv	vv	va	ve	vu	vi
		vva	vve	vvu	vvi
		ka	ke	ku	ki

Beat the Words

a-vu-ba
vva

mu-vu-bi
e-vvu

o-mu-vu-bu-ka
ki-vve

Sentence Assessment

1. Vva ku vvu.
2. Okwesiiga evvu kivve.
3. Evvu liva mu kyoto.

Literacy 2

Letter Formation Assessment

V, v, w

Spelling Assessment

va, ve, vu, vi, vva, vve, vvu, vvi, vuba, avuba, kivu, ava, evvu, kivve, vva, bivve

10.2 Ebintu ebikozesebwa ne gye biva

News

Draw your story picture prior to class. Use this picture to help you tell your news story to the class. It is important that you model telling your news story to the class just as you expect your pupils to do when they come to the front of the class.

Model News Drawing
Drawing of many things made of wood in the classroom.

Model News Story

I love trees for many reasons: their shade, their fruits and their beauty. But trees also provide us with wood which we use for making many things. In our classroom alone we can see many things made from wood: desks, tables, slates and pencils.

References
NPSCU Teacher's Guide <ul style="list-style-type: none">• Competencies, page 86• Sample scheme of work, page 359• Lesson Plan Guidelines, pages 368-374
NPSCU Curriculum <ul style="list-style-type: none">• Page 48

Traditional Text

Oluyimba

Mu nsiko mulimu Nnabanteta,
Mu nsiko mulimu Nnabangeye,
Mu nsiko yange mulimu Nnabanteta,
Mu nsiko mulimu Nnabangeye.

Note: The traditional text is taught in Oral Literature on Days 1 and 3 and in Literacy 1 on Day 5.

Oral Literature

Wakayima, Wanfudu ne Kaamuje

Ekibuuzo ekirambika: Wuliriza olugero luno n'obwegendereza n'oluvannyuma ombuulire ekyaviirako aboomukwano okwawukana.

Ekitundu 1

Awo olwatuuka nga Wakayima, Wanfudu ne Kaamuje basenga ku kyalo Kaabasuma. Wakayima yali mutonotono era ng'anyirira kyokka nga munafu wadde yali mulusi wa bibbo n'emikeeka. Wanfudu yali mumpi nga waalulembe, kyokka nga mubumbi. Yabumbanga ensuwa, ebikopo n'essowaani. Kaamuje ye yali mutono ddala naye nga mukakaalukanyi era nga mulimi wa binyeebwa, kasooli n'enkoolimbo. Aboomukwano bano bonsatule baalinga basanyufu era nga baamugaso nnyo mu kyalo kyabwe. Buli omu yakeeranga n'agenda anona ebikozesebwa. Wakayima yakeeranga mu kibira okuleeta ensansa n'enjulu bye yalukisanga ebibbo n'emikeeka. Obukeedo yabuggyanga mu ndagala ze yafumbisanga emmere. Wanfudu yakeeranga mu lutobazi okuleeta ebbumba lye yabumbangamu ensuwa, ebikopo n'essowaani. Ye Kaamuje yakeeranga mu nnimiro n'alima n'asiga oluusi n'okukoola ebinyeebwa, kasooli n'enkoolimbo. Bwe byakulanga n'abikungula ng'ajjuza ebyagi byonna era nga tamanyi bbula lya mmere.

Story Outline

Abali mu lugero

Wakayima, Wanfudu ne Kaamuje

Ekifo

Ku kyalo Kaabasuma

Ebikolebwa

Wakayima yali mulusi wa bibbo naye yabba ebinyeebwa ne kasooli wa Kaamuje. Kaamuje yali mulimi ate Wanfudu yali mubumbi.

Oral Literature

Ekibuuzo eky'okwefumiitiriza: Osuubira Wakayima ataalimanga yalyanga ki?

Ekitundu 2

Emirundi mingi Wakayima yatambuzanga ebibbo n'emikeeka n'abitunda mu bitundu eby'enjawulo. Yafunangamu sseente ze yakwekanga mu ssubi waggulu mu nju ng'alowooza nti Wanfudu oba Kaamuje bayinza okuzibba. Wanfudu ye bye yabumbanga, yabiteekanga ku mudaala gwe yazimba mu luggya. Abantu we baabisanganga okubigula. Kaamuje emmere gye yakungulanga, ng'agissa mu byagi mu luggya. Abantu we bajjanga ne bagigula. Olumu Wakayima yali agenda mu kibira okunona enjulu n'ensansa n'alaba ebinyeebwa ne kasooli ebyali bikuze obulungi. Yasanyuka n'atandika okuyiia gy'anaayita okubibba nga Kaamuje tamanyi. Wakayima olw'eggulo yakomangawo n'anoga kasooli mungi n'ebinyeebwa ekibbo musera n'abitwala ewuwe. Kaamuje yeebuuzanga abba emmere ye. Olumu yeekweka mu nnimiro kyaddaaki Wakayima n'ajja abbe. Kaamuje yamufubutula n'amukwata. B'abo beerize. Kyani? Kyani? Beetaagudde. Wakayima yalaba bamutta n'afubutukira mu nsiko nakati gye yeekwese.


Vocabulary Words	
ebyagi	enjulu musera
In the Text Questions	In My Mind questions
1. Baani abali mu lugero luno?	1. Ssinga ggwe Kaamuje, Wakayima wandimukoze ki?
2. Ani yalina empisa embi?	2. Olowooza Wakayima yaddamu okubba?

10 Ebintu bye tukola

Literacy 1 and 2

Day 1

Nk nk



enku enkata enkuufiira

Lule alina enku.
Lule alina enkata.
Maama aluka enkuufiira.

Nk Nk Nk Nk

Okuma 3 Wisi 6 Okundi 1

Literacy 1

New Letters and Review Chart

Nk nk

a	u	i	o
nka	nku	nki	nko
ta	tu	ti	to
ba	bu	bi	bo

Thematic Question: Lwaki tukola ebyemikono?

Beat the Words

e-nku

e-nka-ta

e-nkuu-fii-ra

Literacy 2

Letter Formation Phrase

N = Yambuka, kkirira, yambuka.


k = Kkiriza akasittale akatereevu, kkiriza akookubiri, kkiriza akookusatu.

Spelling Practice

nk, nka, nki, nku, nko, nkoko, enku, nkata, nkima

Day 2

Okuzannya



Abaana bali ku ssomero. Obudde bwa kuzannya. Abawala abamu babuuka omuguwa, abalala beepena. Lule ne Nagawa tebalina bya kuzannyisa.

nk nk nk nk nk

Okuma 3 Wisi 6 Okundi 2

Literacy 1

In the Text Question: Baani ababuuka omuguwa?

In My Mind Question: Ebyemikono bye tukola bitugasa ki?

Literacy 2

Story Idea: Embooji ya leero tugyesigamye ku kuteebereza kw'abayizi mu mbooji gye basomye.

Literacy 1 and 2

Day 3

Literacy 1

New Letters and Review Chart


Nz	nz	a	e	u	i
		nza	nze	nzu	nzi
		nka	nke	nku	nki
		ba	be	bu	bi

Thematic Question: Ebyemikono bye tukola bitugasa bitya?

Beat the Words


nze nzi-ru-ga-vu nzi-gu-la

Nz nz



nze nzirugavu nzigula

